# MAIN
# ***M**ultilingual **A**ssessment **I**nstrument for **N**arratives*

N. Gagarina, D. Klop, S. Kunnari,
K. Tantele, T. Välimaa,
U. Bohnacker & J. Walters

## Luganda

Translated and adapted by
Deo Kawalya & Celestino Oriikiriza

(based on the revised version in English)

© ZAS Papers in Linguistics 64 (2020)

**How to cite this version**:
Gagarina, N., Klop, D., Kunnari, S., Tantele, K., Välimaa, T., Bohnacker, U. & Walters, J. (2019). MAIN: Multilingual Assessment Instrument for Narratives - Revised. Materials for use. *ZAS Papers in Linguistics*, 63. Luganda version. Translated and adapted by Kawalya, D. & Oriikiriza, C.

**MAIN: Luganda**

## Ekiwandiiko Ekikozesebwa Okwekenneenya Obukozesa bw'Ennimi Ennyingi mu Kunyumya

Deo Kawalya & Celestino Oriikiriza

Ekiwandiiko Ekikozesebwa Okwekenneenya Obukozesa bw'Ennimi Ennyingi mu Kunyumya (Multilingual Assessment Instrument for Narratives (MAIN)) kyabagibwa mu 2012 okusobola okwekenneenya obusobozi bw'okunyumya mu baana abayiga olulimi olumu oba okusingawo nga baakazaalibwa oba mu myaka emito. MAIN okusingira ddala kyabagibwa olw'abaana okuva ku myaka nga 3 okutuuka ku 10; okunoonyereza okukoleddwa kuzudde nti era kisobola okukozesebwa ku baana abakulumu, abavubuka n'abantu abakulu. Engeri gye kyabagibwamu ekisobozesa okukozesebwa mu kwekenneenya okutegeera n'okunyumya mu nnimi eziwerako ku mwana omu n'okufuna obubaka mu bantu mu ngeri ez'enjawulo: Akagero k'Okulabirako, Okuddamu Ebyogeddwa, n'Okwogera. Olufulumya olwa 2012 lwabagibwa nga lwesigamizibwa ku kugezesa okugazi okwalimu abaana abasukka mu 500 aboogera olulimi olumu n'ennimi ebbiri nga balina emyaka 3 okutuuka ku 10, ku nnimi n'ebirimba by'ennimi ez'enjawulo 15.

Mu 2019, ekiwandiiko ky'Olungereza kyakyusibwamu nga kyesigamizibwa ku bugero bwa MAIN obusukka mu 2,500 awamu n'okwanukula kwa mirundi nga 24,000 okw'ebibuuzo bya MAIN ebipima okutegeera, ebyakuŋŋaanyizibwa okuva ku baana nga 700 aboogera olulimi olumu n'ebbiri mu Bugirimaani, Russia ne Sweden wakati wa 2013–2019. Ekiwandiiko kino eky'Oluganda kyesigamiziddwa ku kiwandiiko ky'Olungereza ekyo ekipya ekya 2019.

Ekiwandiiko kya MAIN kirimu obugero buna obutambula mu ngeri y'emu, nga buli kamu kalimu ebifaananyi ebisiigiddwa era ne bitegekebwa bulungi. Obugero butegekeddwa mu ngeri etakaluubiriza kutegeera era mu bigambo ebyangu, obukwatane mu buzimbe, awamu n'obuwangwa obutuukira obulungi ku basomi.

Newankubadde ng'ekiwandiiko kya MAIN tekinnatongozebwa, emitendera gyakyo ey'olugerero gisobola okukozesebwa mu kwekenneenya, okutereeza n'okunoonyereza. Okumanya ebisingawo ku ngeri y'okukozesaamu MAIN, laba essuula "*Ebyafaayo ku MAIN – Kikyusiddwamu, engeri y'okukikozesaamu n'okukikyusa mu nnimu endala*" (kyawandiikibwa mu Lungereza) mu *ZAS Papers in Linguistics* 63 (2019, pp. iv-xii) esobola okusangibwa ku www.leibniz-zas.de/en/research/publications.

Ekiwandiiko kino kirimu:

- Ebigobererwa mu kwekenneenya
- Enkola, Okugaba Obubonero ku *Kkapa*, *Embwa*, *Ebinyonyi Ebito*, *Obwana bw'Embuzi*
- Ebibuuzo
- Obugero mu buwandiike

**Ebigobererwa mu kwekenneenya**

Ekiwandiiko kya MAIN okusingira ddala kiruubirira abaana okuva ku myaka nga 3 okutuuka ku 10, naye nga kisobola n'okukozesebwa ku baana abakulumu, abavubuka n'abantu abakulu. MAIN kyekenneenya obusobozi bw'okutegeera n'okunyumya emboozi. Era kisobozesa okufuna obubaka mu bantu mu ngeri ez'enjawulo: Akagero ak'Okulabirako, Okuddamu Ebyogeddwa, Okunyumya. Okulondako enkola y'okufunamu obubaka (okugeza okunyumya/okuddamu ebyogeddwa, nga kigobererwa okwogera, oba okwogera kwokka) kusinziira ku biruubirirwa n'ebyetaago by'okwekenneenya. (Ababuuza basobola okusalawo nga bwe baba balabye.)

Entegeka ya MAIN esobozesa okwekenneenya ennimi ez'enjawulo ezoogerwa omwana omu. Buli lulimi lusobola okuba nga lwe lusooka okwekenneenyezebwa. Mu baana aboogera ennimi ebbiri, ekiseera ekimalibwa okuva ku kugezesa olulimi olumu okudda ku lulala kyandibadde ennaku 4 okutuuka ku 7, okusobola okukendeeza eky'olulimi olumu okutabulwa n'olulala awamu n'ebibadde mu kugezesa okusooka okuyingirira okugezesa okwokubiri. Kyandibadde kirungi omwana n'atagezesebwa muntu y'omu mu nnimi zombi, okusobola okulaba ng'olulimi lumu lwe lukozesebwa n'okwewala okutabinkiriza ennimi.

_Ebikozesebwa_


- Ebifaananyi bya mirundi 4: *Obunyonyi Obuto, Obwana bw'Embuzi, Kkapa n'Embwa* (kkopi 3 eza buli kagero (nga biri mu langi), buli kkopi mu bbaasa ey'enjawulo: ebbaasa 12 zonna awamu)
- Obugero 4 mu bigambo: *Obunyonyi Obuto, Obwana bw'Embuzi, Kkapa n'Embwa*
- Ebyuma ebikwata amaloboozi ne viidiyo
- Ebigobererwa mu kugaba obubonero ku buzimbe obw'awamu, ebigambo by'embeera y'omunda (internal state terms) n'ebibuuzo ebiraga okutegeera
- Ebibuuzo by'ebyafaayo (ebibuuzo by'abazadde)

_Ebigobererwa_

**Entegeka y'ebikozesebwa**

1. Okuwanula ebifaananyi genda ku www.leibniz-zas.de/en/service-transfer/main
2. Fulumya mu kyapa buli fayiro ya PDF (kwe kugamba, buli kagero k'ebifaananyi) emirundi esatu, mu langi ng'okozesa ekyuma ekikuba obulungi mu kyapa ku lupapula lwa A4 olweru, buli kifaananyi nga kipima sentimiita 9 ku 9.
3. Lamba ebifaananyi n'ennamba (1-6) emabega.
4. Salamu ennyiriri z'ebifaananyi ebbiri.
5. Ebifaananyi bitimbe wamu 6 nga bwe kiragiddwa wammanga obifunyeemu emirundi ebiri (ekif 1, ekif 2, zinga, ekif 3, ekif 4, zinga, ekif 5, ekif 6).

   Weetegereze: Tosalamu awamu n'okukozesa obufaananyi obutono obuli mu bigobererwa mu kufunya.



6. Teeka buli lunyiriri lwa bifaananyi (ebifaananyi 6) mu bbaasa ey'enjawulo, ng'erambiddwako ne langi oba akabonero akalala akasobola okugyawula (okugeza obutonnyeze) okulabirako akagero.

**Engeri y'okukolamu okwekenneenya**

- Kakasa nti weemanyiizizza bulungi emitendera gy'obugero n'ebigobererwa.
- Tegeka ebikozesebwa okukwata amaloboozi/viidiyo okukwata ebigenda mu maaso. Tandika okukwata ng'omutendera gw'okwegezaamu tegunnatandika. Kakasa nti okwata ebigenda mu maaso byonna, omuli n'okwanukula kw'omwana okw'ebibuuzo by'okutegeera.
- Omutendera gw'okwegezaamu gulina okwesigamizibwa ku by'omanyi n'obuwangwa bw'ekitundu. Bw'oba ng'oyogera n'omwana, teekawo enkolagana era obeeko ebibuuzo by'obuuza okukakasa nti omwana asobola okutegeera ebibuuzo ebyangu nga ki, wa, ani, n'ebiringa ebyo. Okugeza osobola okubuuza nti: *Ani mukwano gwo asinga? Kiki ky'oyagala okulaba ku ttivvi? Oyagala okunyumya obugero? Oyagala okuwuliriza obugero?*
- Kakasa nti ebbaasa essatu ezirimu ebifaananyi byebimu ziri ku mmeeza ng'okwekenneenya tekunnatandika. (Omugaso gw'okulaga ebintu bino mu ngeri eno kwe kusobozesa omwana okulowooza nti omubuuza tamanyi kagero ki akali mu bbaasa gy'alonze, mu ngeri eno ne kikendeeza ebiyinza okuva ku bombi okuba nga bamanyi ekigenda mu maaso mu kiseera ky'okulaga ebifaananyi.)
- Tandika okwekenneenya okusinziira ku bigobererwa mu nteekateeka z'obugero. Osabibwa okugoberera ebiragirwa mu kusokaasoka (laba era okusokaasoka wammanga).
- Ebirala ebikwata ku ndaga y'ebifaananyi: Mu kiseera ky'okugezesa olina okutuula ng'otunuulidde omwana asobole okukwata ebifaananyi nga bimutunuulidde, naye ng'akwesudde. Omwana bw'aggyayo ebifaananyi, mugambe azingulule ebifaananyi era atunuulire akagero konna okutandikira ku kifaananyi ekisooka ogambe nti: "*Tunuulira ebifaananyi naye tobindaga. GGWE wekka ateekwa okulaba akagero*." (Omwana bw'aba nga tasobola kukwata na kwanjuluza bifaananyi ku lulwe, oyinza okukwata ebifaananyi, nga tobyetunuulizza wabula nga bitunuulidde omwana.)
- Omwana bw'aba nga yeetegese okunyumya akagero, muyambeko okuddamu okuzinga ebifaananyi mu bitundu 3. Osobola okumulagirira engeri y'okuzinga ebifaananyi nga tobitunuddeeko ng'omwana akyabizinze. Gamba omwana atandike okunyumya akagero ng'atunudde ku bifaananyi ebibiri ebisooka. Bw'amala okutunula ku bifaananyi 1 ne 2, mugambe azingulule ebifaananyi ebibiri ebiddako (kati ebifaananyi 1–4 bijja kuba bizinguluddwa). Omwana bw'aba amaze, mugambe azingulule ebifaananyi ebibiri ebiddako olwo akagero konna kabe nga kazinguluddwa.
- Omwana bw'aba ng'amaze okunyumya akagero/okuddamu ebyogeddwa, yanjula ebibuuzo by'okutegeera ng'ogamba nti "*Kaakati ŋŋenda kubaako ebibuuzo bye nkubuuza ebikwata ku kagero".* Bw'oba ng'obuuza ebibuuzo by'okutegeera, laba ng'ebifaananyi bibeera bizingulule era nga birabika bulungi eri omwana n'omubuuza ku mmeeza.
- Ekitundu kino bwe kiggwa, okunyumya kuno kuwandiike ku lupapula era owe omwana obubonero okusinziira ku ngeri gy'ayogeddemu n'okutegeera ng'owandiika ku lupapula lw'obubonero.
- **Jjukira:** Olukalala lw'ebirondwako ku lupapula lw'obubonero si bya nkomeredde. Obubonero buweebwa ng'ekimu ku buzimbe obw'awamu (Ekiruubirirwa, Okugezaako, Ekivaamu, Ekigambo ky'Embeera y'Omunda) kiragiddwa n'ebigambo ebituufu. Tunula mu kitabo ky'endagiriro okuyambibwa.

**Okusokaasoka**

1. Totandikira mwana kagero, fuba okulaba ng'omwana anyumya akagero ku lulwe ng'omugamba nti: *"Nnyumiza akagero"* (songa ku kifaananyi).
2. Musokeesoke ng'omaze kulindira obutikitiki 10 era awo wokka ng'olaba nti omwana tagenda kubaako ky'ayogera. Awo wokka omwana w'alina okusokaasokebwa, okusooka ng'ogamba nti, "*Kale…", "Aaa…", "Kati ggwe oyogera …".* Weegendereze NNYO okusokaasoka okwewala enjawukana mu bibinja by'okunoonyereza eby'enjawulo, kwe kugamba ebiyinza okuva ku munoonyereza. Lindako okutuuka ku

butikitiki nga 10; omwana bw'aba ng'akyasirise, musokeesoke ng'ogamba nti: "*Mbuulira ekibadde"*. Omwana bw'asirika wakati mu kagero, laba ng'omusikiriza okweyongerayo akubuulire ebirala: "*Waliwo ekirala?", "Genda mu maaso"*, "*Mbuulira ekirala"*, "*Ka tulabe ekirala ekiriwo mu kagero"*.

3. Engeri omwana gy'ayitamu abali mu kagero terina mutawaana; omwana tomuwabula. Omwana bw'aba nga tasobola kufuna kigambo kya kikolwa, omuntu ali mu kagero, n'ebirala n'alabika ng'awagamidde oba n'asaba okuyambibwa, muzzeemu amaanyi ng'omugamba nti "*Osobola okukiyita kyonna ky'oyagala", "Oyinza kukiyita otya?".*
4. Weewale okubuuza ebibuuzo nga:
   a) "*Wano akola ki?", "Ani adduka?"*
   b) "*Kino kiki*?", "*Kiki/ani gw'olaba mu kifaananyi*?"
   (okwewala okutaataaganya oba okuyingirira okunyumya kw'omwana, okwewala okukozesa sentensi ez'ebitundu n'okwewala okukozesa ebigambo ebisonga obusonzi (deictic words)).
5. Omwana bw'atandika okunyumya akagero ng'asinziira ku ebyo by'amanyi, okugeza "*Nalabye akanyonyi bwekati kumakya"* oba "*Nja kugenda ne maama mu supermarket nga nvudde ku ssomero* …", omwana muweeyo akadde amale okwogera ebyo by'amanyi oluvannyuma omugambe anyumye akagero akali mu bifaananyi. (Ekitundu kino ekitakwatagana na kye muliko kireke ebbali mu kwekenneenya.)
6. Ng'osinziira ku by'omanyi n'obuwangwa bw'ekitundu, oyinza okwagala okumuzzaamu amaanyi ng'okozesa ebigambo nga "*Kirungi"*, "*Weebale*", oluvannyuma lwa buli bifaananyi bibiri (ne nga tonnayanjuluza bibiri ebiddako). (Kino era kijja kuyamba assa amaloboozi mu buwandiike okukwanaganya ebigambo n'ebifaananyi ebituufu.) Wabula kino tokikola bw'oba ng'olowooza nti kitaataaganya okunyumya kw'omwana n'engeri gy'alowoozaamu.

**Engeri y'okugeraageranya oba obutageraageranya bivudde mu bugero obw'enjawulo**

- Bw'oba ogezesa omwana ayogera ennimi ebbiri, weewale okukozesa akagero ka Kkapa ne/oba Embwa mu lulimi olumu n'akagero ka Obunyonyi Obuto ne/oba Obwana bw'Embuzi mu lulimi olulala.
- Era weewale okukozesa obugero bwa Kkapa ne/oba Obwana bw'Embuzi ku kifo awagezeserezebwa ekimu n'obugeraageranya ne Obunyonyi Obuto ne/oba obwana bw'Embuzi mu kifo ekigerezesebwamu ekirala.
- Lwaki? Obugero bwa MAIN tebusobola kugeraageranyizibwa butereevu mu buli mbeera. Ng'okunoonyereza bwe kulaze, waliwo engeri entonotono obugero buno obuna gye bwawukanamu, naddala ebyekuusa ku bibuuzo by'okutegeera. Obunyonyi Obuto ne Obwana bw'Embuzi bufaanaganamu; Kkapa ne Embwa nabwo bufaanaganamu naye nga bwawuka ku Bunyonyi Obuto ne Obwana bw'Embuzi mu ngeri ezimu, okugeza entikko, omuwendo gw'aboogerwako n'ebimu ku bibuuzo by'okutegeera.
  Noolwekyo kakasa nti togeraageranya micungwa na miyembe.
- Bw'oba ng'ogezesa ebibinja by'abaana ne MAIN, kakasa nti okozesa enkola ennungi ez'okwenkanyankanya, okusobola okukendeeza ku biyinza okuva mu nkola z'okunyumya ne/oba okubuuza (okuddamu ebyogeddwa, akagero ak'okulabirko, okunyumya).

<u>*Enkola z'okwenkanyankanya mu kunoonyereza*</u>

Enziriŋŋana y'okwogera erina okwenkanyankanyizibwa okusinziira ku lulimi n'akagero (Kkapa/Embwa – (okusingira ddala) Akagero k'Okulabirako/Okuddamu Ebyogeddwa ne Obunyonyi Obuto/Obwana bw'Embuzi – (okusingira ddala) Okunyumya). Kozesa enkola y'okwenkanyankanya eno wammanga (bwe kiba nti olulimi lumu lwe lwekenneenyezebwa, kozesa enkola y'okulondoba obulondobi ku baana nnamba 1, 2, 5 ne 6 oba nnamba 3, 4, 7 ne 8):

| Ennamba y'omwana | Olulimi | Akagero k'Okulabirako/ Okuddamu ebyogeddwa | Okunyumya | Olulimi | Akagero k'Okulabirako/ Okuddamu ebyogeddwa | Okunyumya |
|---|---|---|---|---|---|---|
| 1 | L1 | Kkapa | Obunyonyi Obuto | L2 | Embwa | Obwana bw'Embuzi |
| 2 | L1 | Kkapa | Obwana bw'Embuzi | L2 | Embwa | Obunyonyi Obuto |
| 3 | L2 | Kkapa | Obwana bw'Embuzi | L1 | Embwa | Obunyonyi Obuto |
| 4 | L2 | Kkapa | Obunyonyi Obuto | L1 | Embwa | Obwana bw'Embuzi |
| 5 | L1 | Embwa | Obunyonyi Obuto | L2 | Kkapa | Obwana bw'Embuzi |
| 6 | L1 | Embwa | Obwana bw'Embuzi | L2 | Kkapa | Obunyonyi Obuto |
| 7 | L2 | Embwa | Obwana bw'Embuzi | L1 | Kkapa | Obunyonyi Obuto |
| 8 | L2 | Embwa | Obunyonyi Obuto | L1 | Kkapa | Obwana bw'Embuzi |

Weetegereze nti ebiva mu bugero obw'enjawulo ne mu mbuuza ez'enjawulo tebisobola kugeraageranyizibwa butereevu (laba waggulu).

**Enkola ku Kkapa**

Okunyumya / Okuddamu Ebyogeddwa / Akagero k'Okulabirako

Amannya g'omwana: ________________________________

Ennaku z'omwezi kwe yazaalirwa: _______________________________

Ennaku z'omwezi kwe yabuulizibwa: ____________________________

Obukulu we yabuulizibwa (emyezi): ________________________________

Ekikula: ________________________________

Amannya g'omubuuza: ________________________________

Ekiseera ky'amaze ng'awulira olulimi olwokubiri (L2) (emyezi): ___________

Ennaku z'omwezi kwe yayingirira mu nnansale: __________________

Erinnya lya nnansale: ________________________________

Kakasa nti amabaasa gonna gali ku mmeeza ng'okubuuza tekunnatandika. Tegeka likoda y'amaloboozi okusobola okukwata ekitundu kino. Tandika okukwata amaloboozi ng'okwegezaamu tekunnatandika.

**Okwegezaamu**

Okugeza buuza nti: Ani mukwano gwo asinga? Kiki ky'onyumirwa okulaba ku ttivvi? Onyumirwa okunyumya obugero? Onyumirwa okuwuliriza obugero?

**Ebigobererwa**

**Ebigobererwa mu Kunyumya**

Tuula ng'otunuulidde omwana. Gamba omwana nti: *Labayo, nnina amabaasa 3 wano. Mu buli bbaasa mulimu akagero ak'enjawulo. Londako emu osobole okumbuulira akagero.* Yanjuluza ebifaananyi enziriŋŋana yaabyo yonna esobole okulabibwa omwana yekka. *Sooka otunuulire akagero konna. Weetegese?*

Yanjuluza ebifaananyi ebisooka 2. Gamba omwana nti: *Njagala onyumye akagero. Tunuulira ebifaananyi ogezeeko okunyumya akagero nga bw'osobola.* Ekisobola okukozesebwa okusokaasoka omwana bw'aba agaanye okutandika: *"Nnyumiza akagero"* (songa ku kifaananyi). Omwana bw'amala okwogera ku bifaananyi 2 ebisooka, yanjuluza ebiddako (ebifaananyi byonna okuva ku 1 okutuuka ku 4 bibeere nga birabika). Ddamu emitendera gino okutuuka ku nkomerero y'akagero. Ebisobola okukozesebwa okusokaasoka omwana bw'asirika mu makkati g'akagero: *"Waliwo ekirala?", "Genda mu maaso", "Mbuulira ekirala", "Kiki ekirala ekiri mu lugero".* Omwana bw'amala okwogera nga tategeezezza nti amaze, mugambe nti: *"Mbuulira ng'omaze".*

Omwana bw'aba ng'amaze, mwebaze oluvannyuma obuuze ebibuuzo by'okutegeera.

**Ebigobererwa mu Kuddamu Ebyogeddwa**

Tuula ng'otunuulidde omwana. Gamba omwana nti: *Labayo, nnina amabaasa 3 wano. Mu buli bbaasa mulimu akagero ak'enjawulo. Londako emu nkunyumize akagero.* Yanjuluza ebifaananyi enziriŋŋana yaabyo yonna esobole okulabibwa omwana yekka.

*Sooka otunuulire akagero konna. Weetegese? Ŋŋenda kukunyumiza akagero oluvannyuma naawe oddemu okannyumize.*

Yanjuluza ebifaananyi 1 ne 2. *Akagero katandikira wano:* (songa ku kifaananyi 1). *Olunaku lumu waaliwo ka kkapa akazannyazannya akaalaba ekiwojjolo ekya kyenvu nga kitudde ku muddo. Kaasembera mu maaso olw'okwagala okukikwata. Mu kiseera ekyo, waaliwo omulenzi eyali omusanyufu ng'ava kuvuba ng'akutte akalobo n'omupiira mu ngalo. Yatunuulira ka kkapa nga kagoba ekiwojjolo.*

Yanjuluza ekifaananyi 3 ne 4 (ebifaananyi byonna okuva ku 1 okutuuka ku 4 bibeere nga birabika). *Ekiwojjolo kyabuuka ne kidduka mangu ka kkapa ne kagwa mu muddo. Kaafuna obuvune era ne kanyiiga nnyo. Omulenzi yatya nnyo era n'omupiira ne guva mu mikono gye ne gugwa. Bwe yalaba omupiira gwe nga guyiringita gugenda mu mazzi, n'akaaba nti: "Oh nedda, omupiira gwange guugwo gugenda!". Yennyamira ng'ayagala omupiira gwe gukomewo. Mu kiseera ekyo, ka kkapa kaalaba akalobo k'omulenzi ne kagamba nti: "Njagala kukwata ekyennyanja."*

Yanjuluza ekifaananyi 5 ne 6 (ebifaanyi byonna okuva ku 1 okutuuka ku 6 bibeere nga birabika). *Mu kiseera kyekimu omulenzi yatandika okusika omupiira gwe okuva mu mazzi ng'akozesa oluti lwe oluvuba. Yali talabye nti kkapa yali ekwata ekyennyanja. Ku nkomerero, kkapa yasanyuka nnyo okulya ekyennyanja ekiwoomu bwekityo so nga n'omulenzi yasanyuka okufuna omupiira gwe.*

*Akagero kakomye wano.*

Yanjuluza ebifaananyi kibeere nti ebifaananyi 2 ebisooka birabibwa omwana yekka. Gamba omwana nti: *Kaakati njagala <u>onyumye</u> akagero. Tunuulira ebifaananyi ogezeeko okunyumya akagero nga <u>bw'osobola</u>.* Ekisobola okukozesebwa okusokaasoka omwana bw'aba agaanye okutandika: *"Nnyumiza akagero"* (songa ku kifaananyi). Omwana bw'amala okwogera ku bifaananyi 2 ebisooka, yanjuluza ebiddako (ebifaananyi byonna okuva ku 1 okutuuka ku 4 bibeere nga birabika). Ddamu emitendera gino okutuuka ku nkomerero y'akagero. Ebisobola okukozesebwa okusokaasoka omwana bw'asirika mu makkati g'akagero: *"Waliwo ekirala?", "Genda mu maaso", "Mbuulira ekirala", "Kiki ekirala ekiri mu lugero".* Omwana bw'amala okwogera nga tategeezezza nti amaze, mugambe nti: *"Mbuulira ng'omaze".*

Omwana bw'aba ng'amaze, mwebaze oluvannyuma obuuze ebibuuzo by'okutegeera.

### Ebigobererwa mu Kagero ak'Okulabirako

Tuula ng'otunuulidde omwana. Gamba omwana nti: *Labayo, nnina amabaasa 3 wano. Mu buli bbaasa mulimu akagero olw'enjawulo. Londako emu nkunyumize akagero.* Yanjuluza ebifaananyi enziriŋŋana yaabyo yonna esobole okulabibwa omwana yekka. *Sooka otunuulire akagero konna. Weetegese? Ŋŋenda kukunyumiza akagerooluvannyuma mbeeko ebibuuzo bye nkubuuza.*

Yanjuluza ebifaananyi 1 ne 2. *Akagero katandikira wano:* (songa ku kifaananyi 1). *Olunaku lumu waaliwo kkapa eyali ezannyazannya n'eraba ekiwojjolo ekya kyenvu nga kitudde ku muddo. Yasembera mu maaso olw'okwagala okukikwata. Mu kiseera ekyo, waaliwo omulenzi eyali omusanyufu ng'ava kuvuba ng'akutte akalobo n'omupiira mu ngalo. Yatunuulira kkapa ng'egoba ekiwojjolo.*

Yanjuluza ekifaananyi 3 ne 4 (ebifaananyi byonna okuva ku 1 okutuuka ku 4 bibeere nga birabika). *Ekiwojjolo kyabuuka ne kidduka mangu kkapa n'egwa mu muddo. Yafuna obuvune era n'enyiiga nnyo. Omulenzi yatya nnyo era n'omupiira ne guva mu mikono gye ne gugwa. Bwe yalaba omupiira gwe nga guyiringita gugenda mu mazzi, n'akaaba nti: "Oh nedda, omupiira gwange guugwo gugenda!". Yennyamira ng'ayagala omupiira gwe*

*gukomewo. Mu kiseera ekyo, kkapa yalaba akalobo k'omulenzi n'egamba nti: "Njagala kukwata ekyennyanja."*

Yanjuluza ekifaananyi 5 ne 6 (ebifaanyi byonna okuva ku 1 okutuuka ku 6 bibeere nga birabika). *Mu kiseera kyekimu omulenzi yatandika okusika omupiira gwe okuva mu mazzi ng'akozesa oluti lwe oluvuba. Yali talabye nti kkapa yali ekwata ekyennyanja. Ku nkomerero, kkapa yasanyuka nnyo okulya ekyennyanja ekiwoomu bwekityo so nga n'omulenzi yasanyuka okufuna omupiira gwe.*

*Akagero kakomye wano.*

Bw'omala okumutegeeza nti *Akagero kakomye wano* buuza ebibuuzo eby'okutegeera.

**Olupapula lw'obubonero olwa Kkapa**

**Ekitundu I: Okunyumya**

A. Obuzimbe bw'Akagero; B. Obugazi bw'obuzimbe;

C. Ebigambo by'Embeera y'Omunda

## A. Obuzimbe bw'Akagero

| | | Ebyokulabirako by'ebyokwanukula okutuufu[1] | Obubonero |
|---|---|---|---|
| **A1.** | Obudde/ Ekifo | Obudde ne/oba ekifo, okugeza Awo olwatuuka/ olumu / edda ennyo...<br>ku lubalama lw'ennyanja / ku nnyanja/ ku mabbali g'omugga/ ku mazzi/ mu ddundiro … | 0 1 2[2] |
| | | *Ekitundu 1: Kkapa (Abeetabi mu kitundu kino: kkapa n'ekiwojjolo)* | |
| **A2.** | Ebigambo by'embeera y'omunda eyaviirako ekikolwa | **Kkapa** yali ezannya<br>**Kkapa** yalaba ekiwojjolo | 0 1 |
| **A3.** | Ekiruubirirwa | **Kkapa** yali eyagala kukwata/kufuna/kugoba kiwojjolo/ kuzannya na kiwojjolo<br>(Okusobola) oku + EKIKOLWA (okukikwata, okukifuna, okuzannya) | 0 1 |
| **A4.** | Okugezaako | **Kkapa** yabuuka / waggulu<br>**Kkapa** yagoba/ yatandika okugoba<br>**Kkapa** yagezaako oku + EKIKOLWA (okukwata, okufuna, okuvumbagira, okutwala) | 0 1 |
| **A5.** | Ekyavaamu | **Kkapa** yagwa mu muddo / teyakwata kiwojjolo/ teyayanguwa<br>**Ekiwojjolo** kyadduka/ kyabuuka / kyayanguwa nnyo | 0 1 |
| **A6.** | Ebigambo by'embeera y'omunda eyavaamu | **Kkapa** yennyamira/ yanyiiga/yakosebwa<br>**Ekiwojjolo** kyasanyuka | 0 1 |
| | | *Ekitundu 2: Omulenzi (Omwetabi mu kitundu kino: omulenzi)* | |
| **A7.** | Ebigambo by'embeera y'omunda eyaviirako ekikolwa | **Omulenzi** yali munyiikaavu/munyiivu/mweraliikirivu olw'omupiira gwe<br>**Omulenzi** yalaba omupiira mu mazzi | 0 1 |
| **A8.** | Ekiruubirirwa | **Omulenzi** yasalawo/yayagala okufuna omupiira gwe / (Okusobola) oku- + EKIKOLWA (okufuna) | 0 1 |
| **A9.** | Okugezaako | **Omulenzi** yasika/asika / yagezaako okusika omupiira okuva mu mazzi | 0 1 |
| **A10.** | Ekyavaamu | **Omulenzi** yafuna omupiira gwe<br>**Omupiira** gwanunulwa | 0 1 |
| **A11.** | Ebigambo by'embeera | **Omulenzi** yasanyuka / yali mumativu/ yakkakkana (ng'afunye omupiira gwe) | 0 1 |

[1] Bw'oba obuusabuusa oba ng'omwana ky'ayanukudde tekiri ku lupapula lw'ebyanukulwa luno tunula mu ndagiriro.

[2] Zeero ng'ekyanukuddwa kikyamu oba nga tayanukudde, akabonero 1 ku kyanukuddwa ekituufu kimu, obubonero 2 ng'akoonye ku budde n'ekifo.

| | | | |
|---|---|---|---|
| | y'omunda eyavaamu | | |
| *Ekitundu 3: Kkapa (Omwetabi mu kitundu kino: kkapa)* | | | |
| **A12.** | Ebigambo by'embeera y'omunda eyaviirako ekikolwa | **Kkapa** yali njala / yali etunuulidde ekyennyanja<br>**Kkapa** yalaba ekyennyanja | 0 1 |
| **A13.** | Ekiruubirirwa | **Kkapa** yayagala/yasalawo okufuna/okukwata/okulya/okubba ekyennyanja (Okusobola) oku- + EKIKOLWA (okulya, okufuna) | 0 1 |
| **A14.** | Okugezaako | **Kkapa** yali/ekwata/esika/etwala/ebba ekyennyanja<br>**Kkapa** ekwata/ebba/esika/etwala ekyennyanja (okuva mu kalobo)/ yakwata ekyennyanja<br>**Kkapa** yagezaako oku- + EKIKOLWA (okufuna, okutwala) | 0 1 |
| **A15.** | Ekyavaamu | **Kkapa** yalya/ yafuna ekyennyanja | 0 1 |
| **A16.** | Ebigambo by'embeera y'omunda eyavaamu | **Kkapa** yakkuta/yasanyuka/yawona enjala | 0 1 |
| **A17.** | **Omugatte gw'obubonero ku 17:** | | |

## B. Obugazi bw'Obuzimbe

| Omuwendo gwa GV nga biddiriŋŋana (Okugezaako, Ekivaamu) | Omuwendo gwa R (Ekiruubirirwa) yokka (awatali G oba V) | Omuwendo gwa RG / RV nga biddiriŋŋana | Omuwendo gwa RGV nga biddiriŋŋana |
|---|---|---|---|
| B1. | B2. | B3. | B4. |
| | | | |

## C. Ebigambo by'Embeera y'Omunda (IST)

| | |
|---|---|
| C1. | Omugatte gw'Ebigambo by'Embeera y'Omunda. Ebigambo bino mulimu:<br>**Ebigambo by'embeera y'okufuna** okugeza *okulaba, okuwulira (n'amatu), okuwulira (n'olususu), okuwunyiriza;*<br>**Ebigambo by'embeera y'omubiri** okugeza *ennyonta, enjala, okukoowa, okulumizibwa, obuvune;*<br>**Ebigambo by'embeera y'okutegeera** okugeza *okuba omulamu, okuzuukuka, okwebaka*;<br>**Ebigambo by'ebirowoozo** okugeza *okwennyamira, okusanyuka, okunyiiga, okweraliikirira, okwebbika, okutya, okwenyumiriza, okuguma,* (okuwulira) *ng'otebenkedde, ng'osanyuse, okwewuunya;*<br>**Ebikolwa by'okulowooza** okugeza *okwagala, okulowooza, okumanya, okwerabira, okusalawo, okukkiriza, okwewuunya, okukola enteekateeka*;<br>**Ebikolwa by'ekinnannimi/ebikolwa by'okugamba/okutegeeza** okugeza *okugamba, okuyita, okuleekaana, okulabula, okubuuza.* |

## Ekitundu II: Okutegeera

| | | Ebyokulabirako by'Okwanukula okutuufu | Ebyokulabirako by'okwanukula okukyamu | Obubonero |
|---|---|---|---|---|
| **0** | Akagero kakunyumidde? | **Kibuuzo kya kwegezaamu, tekigabirwako bubonero** | | |
| **D1.** | Lwaki kkapa ebuuka?<br>*(songa ku bifaananyi 1-2)*<br>(Ekitundu 1: Ekiruubirirwa) | Eyagala kufuna/kukwata/ kugoba kiwojjolo / kuzannya na kiwojjolo<br>Eyagala kiwojjolo (Okusobola) oku- + EKIKOLWA (okufuna, okutwala) ekiwojjolo | Egenda/edduka/yali eyagala kubuuka<br>Kkapa zitera okubuukabuuka/ okudduka | 0 1 |
| **D2.** | Kkapa ewulira etya?<br>*(songa ku kifaananyi 3)*<br>(Ebigambo by'embeera y'omunda eyavaamu) | Nnyiivu/ bubi/ eweddemu amaanyi/ ekoseddwa/ eri mu bulumi / tewulira bulungi | Bulungi/ nsanyufu | 0 1 |
| **D3.** | *(Buuza D3 singa omwana ayanukula mu butuufu nga tannyonnyodde / talaze nsonga mu D2. Bw'annyonnyola mu butuufu mu D2, muwe akabonero mu D3 ogende ku D4.)*<br>Olowooza lwaki kkapa nnyiivu / eweddemu amaanyi / ekoseddwa n'ebirala?[3] | Teyasobola kukwata kiwojjolo/yagwa mu muddo<br>Kikosa okugwa mu muddo ogufumita<br>Ekiwojjolo kyadduka | Okwanukula tekutuukirawo/tekulina makulu | 0 1 |
| **D4.** | Lwaki omulenzi akwata akati akavuba mu mazzi?<br>*(songa ku kifaananyi 5)*<br>(Ekitundu 2: Ekiruubirirwa) | Ayagala kufuna mupiira gwe<br>Ayagala mupiira gwe (Okusobola) oku- + EKIKOLWA (kufuna/kuggyayo) mupiira gwe | Kuzannyira mu mazzi | 0 1 |
| **D5.** | Omulenzi awulira atya?<br>*(songa ku kifaananyi 6)*<br>(Ebigambo by'embeera y'omunda eyavaamu) | Bulungi/ musanyufu/ mumativu | Bubi/ munyiivu/ acankalanye/ mweraliikirivu | 0 1 |
| **D6.** | *(Buuza D6 yokka singa omwana ayanukula mu butuufu nga tannyonnyodde/ talaze nsonga mu D5. Bw'annyonnyola mu butuufu mu D5, muwe akabonero mu D6 ogende ku D7.)*<br>Olowooza lwaki omulenzi awulira bulungi/musanyufu/ mumativu n'ebirala?[4] | Yali afunye omupiira gwe<br>Yali asobola oku + EKIKOLWA (okufuna) | Amwenya/ afaanana bw'atyo / eky'okuddamu ekirala ekitali kituufu | 0 1 |

[3] Kozesa Ekigambo ky'Embeera kyekimu omwana ky'akozesezza mu kwanukula ku D2.
[4] Kozesa Ekigambo ky'Embeera kyekimu omwana ky'akozesezza mu kwanukula ku D5.

| | | | | |
|---|---|---|---|---|
| **D7.** | Lwaki kkapa ekwata ekyennyanja?<br>*(songa ku kifaananyi 5)*<br>(Ekitundu 3: Ekiruubirirwa) | Yasalawo/ eyagala/erina/ okubba ekyennyanja<br>Ekozesa omukisa ng'omulenzi tatunuddeeyo<br>Teyafuna kiwojjolo<br>Kkapa zaagala ebyennyanja<br>Ebyennyanja biwooma nnyo | Eyagala kuzannya na kyannyanja | 0 1 |
| **D8.** | Kitwale nti omulenzi alaba kkapa. Omulenzi awulira atya?<br>*(songa ku kifaananyi 6)*<br>(Ebigambo by'embeera y'omunda eyavaamu) | Bubi/ munyiivu/ mweraliikirivu/ acankalanye/si bulungi | Bulungi/ musanyufu/ mumativu | 0 1 |
| **D9.** | *(Buuza D9 ng'omwana ayanukudde mu butuufu nga tannyonnyodde/ tawadde nsonga mu D8. Bw'aba annyonnyodde mu butuufu mu D8, muwe akabonero ku D9 ogende ku D10.)*<br>Olowooza lwaki omulenzi awulira bubi/munyiivu/acankalanye n'ebirala?[5] | Kkapa eridde/erya/yatwala/etutte ekyennyanja kye<br>Omulenzi yali ayagala kulya /alina okulya ekyennyanja (ye yennyini)<br>Ekyennyanja kyali kya mulenzi | Akati akavuba kali wansi oba okwanukula okulala okutali kutuufu | 0 1 |
| **D10.** | Omulenzi anaaba mukwano gwa kkapa? Lwaki? | Nedda – wa ensonga waakiri emu (kkapa yalya / yabba ekyennyanja) oba okwanukula okulala okutuufu | Yee/Simanyi<br>Okwanukula okulala okutali kutuufu | 0 1 |
| **D11.** | | | **Omugatte gw'obubonero ku 10:** | |

[5] Kozesa Ekigambo ky'Embeera kyekimu omwana ky'akozesezza mu kwanukula ku D8.

**Enkola ku Mbwa**

Okunyumya / Okuddamu Ebyogeddwa / Okunyumya Akagero

Amannya g'omwana: ________________________________

Ennaku z'omwezi kwe yazaalirwa: _______________________________

Ennaku z'omwezi kwe yabuulizibwa: ____________________________

Obukulu we yabuulizibwa (emyezi): ________________________________

Ekikula: ________________________________

Amannya g'omubuuza: ________________________________

Ekiseera ky'amaze ng'awulira olulimi olwokubiri (L2) (emyezi): __________

Ennaku z'omwezi kwe yayingirira mu nnansale: _________________

Erinnya lya nnansale: _______________________________

Kakasa nti amabaasa gonna gali ku mmeeza ng'okubuuza tekunnatandika. Tegeka likooda y'amaloboozi okusobola okukwata ekitundu kino. Tandika okukwata amaloboozi ng'okwegezaamu tekunnatandika.

**Okwegezaamu**

Okugeza buuza nti: Ani mukwano gwo asinga? Kiki ky'onyumirwa okulaba ku ttivvi? Onyumirwa okunyumya obugero? Onyumirwa okuwuliriza obugero?

**Ebigobererwa**

**Ebigobererwa mu Kunyumya**

Tuula ng'otunuulidde omwana. Gamba omwana nti: *Labayo, nnina amabaasa 3 wano. Mu buli bbaasa mulimu akagero ak'enjawulo. Londako emu osobole okumbuulira akagero.* Yanjuluza ebifaananyi enziriŋŋana yaabyo yonna esobole okulabibwa omwana yekka. *Sooka otunuulire akagero konna. Weetegese?*

Yanjuluza ebifaananyi ebisooka 2. Gamba omwana nti: *Njagala onyumye akagero. Tunuulira ebifaananyi ogezeeko okunyumya akagero nga bw'osobola.* Ekisobola okukozesebwa okusokaasoka omwana bw'aba agaanye okutandika: *"Nnyumiza akagero"* (songa ku kifaananyi). Omwana bw'amala okwogera ku bifaananyi 2 ebisooka, yanjuluza ebiddako (ebifaananyi byonna okuva ku 1 okutuuka ku 4 bibeere nga birabika). Ddamu emitendera gino okutuuka ku nkomerero y'akagero. Ebisobola okukozesebwa okusokaasoka omwana bw'asirika mu makkati g'akagero**:** *"Waliwo ekirala?", "Genda mu maaso", "Mbuulira ekirala", "Kiki ekirala ekiri mu lugero".* Omwana bw'amala okwogera nga tategeezezza nti amaze, mugambe nti: *"Mbuulira ng'omaze".*

Omwana bw'aba ng'amaze, mwebaze oluvannyuma obuuze ebibuuzo by'okutegeera.

**Ebigobererwa mu Kuddamu Ebyogeddwa**

Tuula ng'otunuulidde omwana. Gamba omwana nti: *Labayo, nnina amabaasa 3 wano. Mu buli bbaasa mulimu akagero ak'enjawulo. Londako emu nkunyumize akagero.* Yanjuluza ebifaananyi enziriŋŋana yaabyo yonna esobole okulabibwa omwana yekka.

*Sooka otunuulire akagero konna. Weetegese? Ŋŋenda kukunyumiza akagero oluvannyuma naawe oddemu okannyumize.*

Yanjuluza ebifaananyi 1 ne 2. *Akagero katandikira wano:* (songa ku kifaananyi 1). *Olunaku lumu waaliwo embwa ezannyazannya ng'eno yalaba emmese eya kivuuvu ng'etudde okuliraana omuti. Yasembera mu maaso kubanga yali eyagala okugikwata. Mu kiseera ekyo, waaliwo omulenzi eyali omusanyufu eyali ava okugula ebintu ng'akutte ensawo ne baaluuni mu mikono. Yatunuulira embwa ng'egoba emmese.*

Yanjuluza ebifaananyi 3 ne 4 (ebifaananyi byonna okuva ku 1 okutuuka ku 4 bibeere nga birabika). *Emmese yadduka mangu embwa n'etomera omuti. Yafuna obuvune era n'enyiiga nnyo. Omulenzi yeewuunya nnyo ekyaviirako baaluuni okuva mu ngalo ze. Bwe yalaba baaluuni ng'egenda waggulu mu muti, n'akaaba: "Nedda, baaluuni yange yiiyo egenda!" Yennyamira nnyo ng'ayagala okufuna baaluuni ye. Mu kiseera kyekimu, embwa yalaba ensawo y'omulenzi n'ejjirwa ekirowoozo nti: "Ka nzibe sosegi."*

Yanjuluza ebifaananyi 5 ne 6 (ebifaananyi okuva ku 1 okutuuka ku 6 bibeere nga birabika). *Mu kiseera kyekimu, omulenzi yatandika okusika baaluuni ye okuva mu muti. Teyalaba nti embwa yali ebba sosegi. Ku nkomerero, embwa yali nsanyufu nnyo okulya sosegi eyali ewooma ennyo n'omulenzi yali musanyufu olw'okufuna baaluuni ye.*

*Akagero kakomye wano.*

Yanjuluza ebifaananyi kibeere nti ebifaananyi 2 ebisooka birabibwa omwana yekka. Gamba omwana nti: *Kaakati njagala onyumye akagero. Tunuulira ebifaananyi ogezeeko okunyumya akagero nga bw'osobola.* Ekisobola okukozesebwa okusokaasoka omwana bw'aba agaanye okutandika: *"Nnyumiza akagero"* (songa ku kifaananyi). Omwana bw'amala okwogera ku bifaananyi 2 ebisooka, yanjuluza ebiddako (ebifaananyi byonna okuva ku 1 okutuuka ku 4 bibeere nga birabika). Ddamu emitendera gino okutuuka ku nkomerero y'akagero. Ebisobola okukozesebwa okusokaasoka omwana bw'asirika mu makkati g'akagero**:** *"Waliwo ekirala?", "Genda mu maaso", "Mbuulira ekirala", "Kiki ekirala ekiri mu lugero".* Omwana bw'amala okwogera nga tategeezezza nti amaze, mugambe nti: *"Mbuulira ng'omaze".*

Omwana bw'aba ng'amaze, mwebaze oluvannyuma obuuze ebibuuzo by'okutegeera.

**Ebigobererwa mu Kagero ak'Okulabirako**

Tuula ng'otunuulidde omwana. Gamba omwana nti: *Labayo, nnina amabaasa 3 wano. Mu buli bbaasa mulimu akagero ak'enjawulo. Londako emu nkunyumize akagero.* Yanjuluza ebifaananyi enziriŋŋana yaabyo yonna esobole okulabibwa omwana yekka. *Sooka otunuulire akagero konna. Weetegese? Ŋŋenda kukunyumiza akagero oluvannyuma mbeeko ebibuuzo bye nkubuuza.*

Yanjuluza ekifaananyi 1 ne 2. *Akagero katandikira wano:* (songa ku kifaananyi 1). *Olunaku lumu waaliwo embwa ezannyazannya ng'eno yalaba emmese eya kivuuvu ng'etudde okuliraana omuti. Yasembera mu maaso kubanga yali eyagala okugikwata. Mu kiseera ekyo, waaliwo omulenzi eyali omusanyufu eyali ava okugula ebintu ng'akutte ensawo ne baaluuni mu mikono. Yatunuulira embwa ng'egoba emmese.*

Yanjuluza ebifaananyi 3 ne 4 (ebifaananyi byonna okuva ku 1 okutuuka ku 4 bibeere nga birabika). *Emmese yadduka mangu embwa n'etomera omuti. Yafuna obuvune era n'enyiiga nnyo. Omulenzi yeewuunya nnyo ekyaviirako baaluuni okuva mu ngalo ze. Bwe yalaba baaluuni ng'egenda waggulu mu muti, n'akaaba: "Nedda, baaluuni yange yiiyo egenda!" Yennyamira nnyo ng'ayagala okufuna baaluuni ye. Mu kiseera kyekimu, embwa yalaba ensawo y'omulenzi n'ejjirwa ekirowoozo nti: "Ka nzibe sosegi."*

Yanjuluza ebifaananyi 5 ne 6 (ebifaananyi okuva ku 1 okutuuka ku 6 bibeere nga birabika). *Mu kiseera kyekimu, omulenzi yatandika okusika baaluuni ye okuva mu muti. Teyalaba nti embwa yali ebba sosegi. Ku nkomerero, embwa yali nsanyufu nnyo okulya sosegi eyali ewooma ennyo n'omulenzi yali musanyufu olw'okufuna baaluuni ye.*

*Akagero kakomye wano.*

Bw'omala okugamba nti *Akagero kakomye wano* buuza ebibuuzo by'okutegeera.

**Olupapula lw'obubonero olw'Embwa**

**Ekitundu I: Okunyumya**

A. Obuzimbe bw'Akagero; B. Obugazi bw'obuzimbe;

C. Ebigambo by'Embeera y'Omunda

## A. Obuzimbe bw'Akagero

| | | Ebyokulabirako by'ebyokwanukula okutuufu [6] | Obubonero |
|---|---|---|---|
| **A1.** | Obudde/ Ekifo | Obudde ne/oba ekifo, okugeza Awo olwatuuka/ olumu / edda ennyo...<br>mu kibira/mu ppaaka/ennimiro/ebbali w'omuti/okuliraana omuti/ebbali w'oluguudo | 0 1 2[7] |
| *Ekitundu 1: Embwa (Abeetabi mu kitundu kino: embwa n'emmese)* | | | |
| **A2.** | Ebigambo by'embeera y'omunda eyaviirako ekikolwa | **Embwa** yali ezannya<br>**Embwa** yalaba emmese | 0 1 |
| **A3.** | Ekiruubirirwa | **Embwa** yali eyagala kukwata/kufuna/kugoba mmese/kuzannya na mmese<br>(Okusobola) oku + EKIKOLWA (okukwata, okufuna, okuzannya ne) | 0 1 |
| **A4.** | Okugezaako | **Embwa** yabuuka<br>**Embwa** yagoba/yatandika okugoba<br>**Embwa** yagezaako oku + EKIKOLWA (okukwata, okufuna, okutwala) | 0 1 |
| **A5.** | Ekyavaamu | **Embwa** yakoona omutwe gwayo/yatomera omuti/teyakwata mmese/teyayanguwa kimala<br>**Emmese** yatoloka/yadduka emabega w'omuti/emmese yayanguwa nnyo | 0 1 |
| **A6.** | Ebigambo by'embeera y'omunda eyavaamu | **Embwa** yennyamira/ yanyiiga/yakosebwa<br>**Emmese** yasanyuka | 0 1 |
| *Ekitundu 2: Omulenzi (Omwetabi mu kitundu kino: omulenzi)* | | | |
| **A7.** | Ebigambo by'embeera y'omunda eyaviirako ekikolwa | **Omulenzi** yali munyiikaavu/munyiivu/mweraliikirivu olwa baaluuni ye<br>**Omulenzi** yalaba baaluuni mu muti | 0 1 |
| **A8.** | Ekiruubirirwa | **Omulenzi** yasalawo/yayagala okufuna baaluuni ye<br>(Okusobola) oku- + EKIKOLWA (okufuna) | 0 1 |
| **A9.** | Okugezaako | **Omulenzi** yasika/asika / yagezaako okusika baaluuni okuva mu muti<br>**Omulenzi** yabuuka akwate baaluuni/ yagezaako okufuna baaluuni /yali alinnya/alinnya (omuti) | 0 1 |

[6] Bw'oba obuusabuusa oba ng'omwana ky'ayanukudde tekiri ku lupapula lw'ebyanukulwa luno tunula mu ndagiriro.

[7] Zeero ng'ekyanukuddwa kikyamu oba nga tayanukudde, akabonero 1 ku kyanukuddwa ekituufu kimu, obubonero 2 ng'akoonye ku budde n'ekifo..

| | | | |
|---|---|---|---|
| **A10.** | Ekyavaamu | **Omulenzi** yafuna baaluuni ye<br>**Baaluuni** yataasibwa | 0 1 |
| **A11.** | Ebigambo by'embeera y'omunda eyavaamu | **Omulenzi** yasanyuka / yali mumativu/ yakkakkana (ng'afunye baaluuni ye) | 0 1 |
| *Ekitundu 3: Embwa (*Omwetabi mu kitundu kino*: embwa)* | | | |
| **A12.** | Ebigambo by'embeera y'omunda eyaviirako ekikolwa | **Embwa** yalaba sosegi (mu nsawo)<br>**Embwa** yali njala / yali etunuulidde sosegi | 0 1 |
| **A13.** | Ekiruubirirwa | **Embwa** yayagala/yasalawo okufuna/okukwata/okulya/okubba sosegi (Okusobola) oku- + EKIKOLWA (okulya, okufuna) | 0 1 |
| **A14.** | Okugezaako | **Embwa** yali/ekwata/esika/etwala/ebba sosegi<br>**Embwa** enyakula/esika/etwala sosegi (okuva mu nsawo)/ yabba sosegi<br>**Embwa** yagezaako oku- + EKIKOLWA (okufuna, okutwala) | 0 1 |
| **A15.** | Ekyavaamu | **Embwa** yalya/yafuna sosegi | 0 1 |
| **A16.** | Ebigambo by'embeera y'omunda eyavaamu | **Embwa** yakkuta/yasanyuka/yali tekyali njala | 0 1 |
| **A17.** | | **Omugatte gw'obubonero ku 17:** | |

**B. Obugazi bw'Obuzimbe**

| Omuwendo gwa GV nga biddiriŋŋana (Okugezaako, Ekivaamu) | Omuwendo gwa R (Ekiruubirirwa) yokka (awatali G oba V) | Omuwendo gwa RG / RV nga biddiriŋŋana | Omuwendo gwa RGV nga biddiriŋŋana |
|---|---|---|---|
| B1. | B2. | B3. | B4. |
| | | | |

### C. Ebigambo by'Embeera y'Omunda (IST)

| | |
|---|---|
| C1. | Omugatte gw'Ebigambo by'Embeera y'Omunda. Ebigambo bino mulimu:<br>**Ebigambo by'embeera y'okufuna** okugeza *okulaba, okuwulira (n'amatu), okuwulira (n'olususu), okuwunyiriza;*<br>**Ebigambo by'embeera y'omubiri** okugeza *ennyonta, enjala, okukoowa, okulumizibwa, obuvune;*<br>**Ebigambo by'embeera y'okutegeera** okugeza *okuba omulamu, okuzuukuka, okwebaka*;<br>**Ebigambo by'ebirowoozo** okugeza *okwennyamira, okusanyuka, okunyiiga, okweraliikirira, okwebbika, okutya, okwenyumiriza, okuguma,* (okuwulira) *ng'otebenkedde, ng'osanyuse, okwewuunya;*<br>**Ebikolwa by'okulowooza** okugeza *okwagala, okulowooza, okumanya, okwerabira, okusalawo, okukkiriza, okwewuunya, okukola enteekateeka*;<br>**Ebikolwa by'ekinnannimi/ebikolwa by'okugamba/okutegeeza** okugeza *okugamba, okuyita, okuleekaana, okulabula, okubuuza.* |

## Ekitundu II: Okutegeera

| | | Ebyokulabirako by'Okwanukula okutuufu | Ebyokulabirako by'okwanukula okukyamu | Obubonero |
|---|---|---|---|---|
| **0** | Akagero kakunyumidde? | **Kibuuzo kya kwegezaamu, tekigabirwako bubonero** | | |
| **D1.** | Lwaki embwa ebuuka?<br>*(songa ku bifaananyi 1-2)*<br>(Ekitundu 1: Ekiruubirirwa) | Eyagala kufuna/kukwata/kugoba mmese / kuzannya na mmese<br>Eyagala mmese<br>(Okusobola) oku- + EKIKOLWA (okufuna, okutwala) emmese | Egenda/edduka/yali eyagala kubuuka<br>Embwa zitera okubuukabuuka/ okudduka | 0 1 |
| **D2.** | Embwa ewulira etya?<br>*(songa ku kifaananyi 3)*<br>(Ebigambo by'embeera y'omunda eyavaamu) | Nnyiivu/ bubi/ eweddemu amaanyi/ ekoseddwa/ eri mu bulumi / tewulira bulungi | Bulungi/ nsanyufu | 0 1 |
| **D3.** | *(Buuza D3 singa omwana ayanukula mu butuufu nga tannyonnyodde / talaze nsonga mu D2. Bw'annyonnyola mu butuufu mu D2, muwe akabonero mu D3 ogende ku D4.)*<br>Olowooza lwaki embwa nnyiivu / eweddemu amaanyi / ekoseddwa n'ebirala?[8] | Teyasobola kukwata mmese/ omutwe gwayo yagutomeza omuti<br>Kiruma ng'otomedde omuti<br>Emmese yadduka/yabulawo | Okwanukula tekutuukirawo/ tekulina makulu | 0 1 |
| **D4.** | Lwaki omulenzi abuuka waggulu?<br>*(songa ku kifaananyi 5)*<br>(Ekitundu 2: Ekiruubirirwa) | Ayagala kufuna baaluuni ye<br>Ayagala baaluuni ye<br>(Okusobola) oku- + EKIKOLWA (kufuna/kuggyayo) baaluuni ye | Okulinnya omuti/okulinnya emiti | 0 1 |
| **D5.** | Omulenzi awulira atya?<br>*(songa ku kifaananyi 6)*<br>(Ebigambo by'embeera y'omunda eyavaamu) | Bulungi/ musanyufu/ mumativu | Bubi/ munyiivu/ acankalanye/ mweraliikirivu | 0 1 |
| **D6.** | *(Buuza D6 yokka singa omwana ayanukula mu butuufu nga tannyonnyodde/ talaze nsonga mu D5. Bw'annyonnyola mu butuufu mu D5, muwe akabonero mu D6 ogende ku D7.)* | Yali afunye baaluuni ye<br>Yali asobola oku- + EKIKOLWA (okufuna) baaluuni | Amwenya/ afaanana bw'atyo / okwanukula okulala okutali kutuufu | 0 1 |

[8] Kozesa Ekigambo ky'Embeera kyekimu omwana ky'akozesezza mu kwanukula ku D2.

| | | | | |
|---|---|---|---|---|
| | Olowooza lwaki omulenzi awulira bulungi/musanyufu/ mumativu n'ebirala?[9] | | | |
| **D7.** | Lwaki embwa ebba sosegi?<br>*(songa ku kifaananyi 5)*<br>(Ekitundu 3: Ekiruubirirwa) | Yasalawo/ eyagala/erina/ okubba sosegi<br>Ekozesa omukisa ng'omulenzi tatunuddeeyo<br>Teyafuna mmese<br>Kkapa zaagala/teyasobola kufuna mmese Embwa zaagala nnyo sosegi/ ennyama (amakulu ag'awamu)<br>Sosegi ziwooma nnyo | Eyagala kuzannya na nsawo | 0 1 |
| **D8.** | Kitwale nti omulenzi alaba embwa. Omulenzi awulira atya?<br>*(songa ku kifaananyi 6)*<br>(Ebigambo by'embeera y'omunda eyavaamu) | Bubi/ munyiivu/ mweraliikirivu/ acankalanye/si bulungi | Bulungi/ musanyufu/ mumativu | 0 1 |
| **D9.** | *(Buuza D9 ng'omwana ayanukudde mu butuufu nga tannyonnyodde/ tawadde nsonga mu D8. Bw'aba annyonnyodde mu butuufu mu D8, muwe akabonero ku D9 ogende ku D10.)*<br>Olowooza lwaki omulenzi awulira bubi/munyiivu/acankalanye n'ebirala?[10] | Embwa eridde/erya/etutte sosegi ze<br>Omulenzi yali ayagala kulya sosegi (ye yennyini)<br>Sosegi zaali za mulenzi | Okwanukula si kutuufu | 0 1 |
| **D10.** | Omulenzi anaaba mukwano gwa mbwa? Lwaki? | Nedda – wa ensonga waakiri emu (embwa yalya / yabba sosegi) oba okwanukula okulala okutuufu | Yee/Simanyi<br>Okwanukula okulala okutali kutuufu | 0 1 |
| **D11.** | | | **Omugatte gw'obubonero ku 10:** | |

[9] Kozesa Ekigambo ky'Embeera kyekimu omwana ky'akozesezza mu kwanukula ku D5.
[10] Kozesa Ekigambo ky'Embeera kyekimu omwana ky'akozesezza mu kwanukula ku D8.

**Enkola ku Bunyonyi Obuto**

Okunyumya / Okuddamu Ebyogeddwa / Okunyumya Akagero

Amannya g'omwana: ______________________________

Ennaku z'omwezi kwe yazaalirwa: _____________________________

Ennaku z'omwezi kwe yabuulizibwa: __________________________

Obukulu we yabuulizibwa (emyezi): ______________________________

Ekikula: ______________________________

Amannya g'omubuuza: ______________________________

Ekiseera ky'amaze ng'awulira olulimi olwokubiri (L2) (emyezi): __________

Ennaku z'omwezi kwe yayingirira mu nnansale: _________________

Erinnya lya nnansale: ______________________________

Kakasa nti amabaasa gonna gali ku mmeeza ng'okubuuza tekunnatandika. Tegeka likooda y'amaloboozi okusobola okukwata ekitundu kino. Tandika okukwata amaloboozi ng'okwegezaamu tekunnatandika.

**Okwegezaamu**

Okugeza buuza nti: Ani mukwano gwo asinga? Kiki ky'onyumirwa okulaba ku ttivvi? Onyumirwa okunyumya obugero? Onyumirwa okuwuliriza obugero?

**Ebigobererwa**

**Ebigobererwa mu Kunyumya**

Tuula ng'otunuulidde omwana. Gamba omwana nti: *Labayo, nnina amabaasa 3 wano. Mu buli bbaasa mulimu akagero ak'enjawulo. Londako emu osobole okumbuulira akagero.* Yanjuluza ebifaananyi enziriŋŋana yaabyo yonna esobole okulabibwa omwana yekka. *Sooka otunuulire akagero konna. Weetegese?*

Yanjuluza ebifaananyi ebisooka 2. Gamba omwana nti: *Njagala onyumye akagero. Tunuulira ebifaananyi ogezeeko okunyumya akagero nga bw'osobola.* Ekisobola okukozesebwa okusokaasoka omwana bw'aba agaanye okutandika: *"Nnyumiza akagero"* (songa ku kifaananyi). Omwana bw'amala okwogera ku bifaananyi 2 ebisooka, yanjuluza ebiddako (ebifaananyi byonna okuva ku 1 okutuuka ku 4 bibeere nga birabika). Ddamu emitendera gino okutuuka ku nkomerero y'akagero. Ebisobola okukozesebwa okusokaasoka omwana bw'asirika mu makkati g'akagero**:** *"Waliwo ekirala?", "Genda mu maaso", "Mbuulira ekirala", "Kiki ekirala ekiri mu lugero".* Omwana bw'amala okwogera nga tategeezezza nti amaze, mugambe nti: *"Mbuulira ng'omaze".*

Omwana bw'aba ng'amaze, mwebaze oluvannyuma obuuze ebibuuzo by'okutegeera.

**Ebigobererwa mu Kuddamu Ebyogeddwa**

Tuula ng'otunuulidde omwana. Gamba omwana nti: *Labayo, nnina amabaasa 3 wano. Mu buli bbaasa mulimu akagero ak'enjawulo. Londako emu nkunyumize akagero.* Yanjuluza ebifaananyi enziriŋŋana yaabyo yonna esobole okulabibwa omwana yekka. *Sooka otunuulire akagero konna. Weetegese? Ŋŋenda kukunyumiza akagero oluvannyuma naawe oddemu okannyumize.*

Yanjuluza ebifaananyi 1 ne 2. *Akagero katandikira wano:* (songa ku kifaananyi 1). *Olunaku lumu waaliwo ekinyonyi ekikazi ekyalaba ng'abaana baakyo balumwa enjala. Kyabuuka ne kigenda kubanga kyali kyagala kubanoonyeza kyakulya. Kkapa eyali erumwa enjala yalaba maama w'obunyonyi ng'abuuka agenda n'egamba nti: "Mmm, kirungi, kiki kino kye ndaba wano mu kisu?"*

Yanjuluza ebifaananyi 3 ne 4 (ebifaananyi byonna okuva ku 1 okutuuka ku 4 bibeere nga birabika). *Maama w'obunyonyi yakomawo n'ensiriŋŋanyi ennene okugiwa abaana be, naye teyalaba kkapa. Yali musanyufu olw'okuleetera abaana be ensiriŋŋanyi ensava. Wabula mu kiseera kyekimu, kkapa yatandika okulinnya omuti kubanga yali eyagala okukwata akanyonyi akato. Yakwata akamu ku bunyonyi obuto. Embwa envumu eyali eyitawo yalaba ng'obunyonyi bwali mu bulabe. Yasalawo okulemesa kkapa ebutaase.*

Yanjuluza ebifaananyi 5 ne 6 (ebifaananyi okuva ku 1 okutuuka ku 6 bibeere nga birabika). *Yagamba kkapa nti: "Vva ku bunyonyi". Yakwata omukira gwa kkapa n'egisika okugizza wansi. Kkapa yata akanyonyi era embwa n'egigoba. Embwa yasanyuka nnyo okulaba ng'etaasizza obunyonyi, era kkapa yali ekyali njala.*

*Akagero kakomye wano.*

Yanjuluza ebifaananyi kibeere nti ebifaananyi 2 ebisooka birabibwa omwana yekka. Gamba omwana nti: *Kaakati njagala onyumye akagero. Tunuulira ebifaananyi ogezeeko okunyumya akagero nga bw'osobola.* Ekisobola okukozesebwa okusokaasoka omwana bw'aba agaanye okutandika: *"Nnyumiza akagero"* (songa ku kifaananyi). Omwana bw'amala okwogera ku bifaananyi 2 ebisooka, yanjuluza ebiddako (ebifaananyi byonna okuva ku 1 okutuuka ku 4 bibeere nga birabika). Ddamu emitendera gino okutuuka ku nkomerero y'akagero. Ebisobola okukozesebwa okusokaasoka omwana bw'asirika mu makkati g'akagero**:** *"Waliwo ekirala?", "Genda mu maaso", "Mbuulira ekirala", "Kiki ekirala ekiri mu lugero".* Omwana bw'amala okwogera nga tategeezezza nti amaze, mugambe nti: *"Mbuulira ng'omaze".*

Omwana bw'aba ng'amaze, mwebaze oluvannyuma obuuze ebibuuzo by'okutegeera.

**Ebigobererwa mu Kagero ak'Okulabirako**

Tuula ng'otunuulidde omwana. Gamba omwana nti: *Labayo, nnina amabaasa 3 wano. Mu buli bbaasa mulimu akagero ak'enjawulo. Londako emu nkunyumize akagero.* Yanjuluza ebifaananyi enziriŋŋana yaabyo yonna esobole okulabibwa omwana yekka. *Sooka otunuulire akagero konna. Weetegese? Ŋŋenda kukunyumiza akagero oluvannyuma mbeeko ebibuuzo bye nkubuuza.*

Yanjuluza ebifaananyi 1 ne 2. *Akagero katandikira wano:* (songa ku kifaananyi 1). *Olunaku lumu waaliwo ekinyonyi ekikazi ekyalaba ng'abaana baakyo balumwa enjala. Kyabuuka ne kigenda kubanga kyali kyagala kubanoonyeza kyakulya. Kkapa eyali erumwa enjala yalaba maama w'obunyonyi ng'abuuka agenda n'egamba nti: "Mmm, kirungi, kiki kino kye ndaba wano mu kisu?"*

Yanjuluza ebifaananyi 3 ne 4 (ebifaananyi byonna okuva ku 1 okutuuka ku 4 bibeere nga birabika). *Maama w'obunyonyi yakomawo n'ensiriŋŋanyi ennene okugiwa abaana be, naye teyalaba kkapa. Yali musanyufu olw'okuleetera abaana be ensiriŋŋanyi ensava. Wabula mu kiseera kyekimu, kkapa yatandika okulinnya omuti kubanga yali eyagala okukwata akanyonyi akato. Yakwata akamu ku bunyonyi obuto. Embwa envumu eyali eyitawo yalaba ng'obunyonyi bwali mu bulabe. Yasalawo okulemesa kkapa ebutaase.*

Yanjuluza ebifaananyi 5 ne 6 (ebifaananyi okuva ku 1 okutuuka ku 6 bibeere nga birabika). *Yagamba kkapa nti: "Vva ku bunyonyi". Yakwata omukira gwa kkapa n'egisika okugizza wansi. Kkapa yata akanyonyi era embwa n'egigoba. Embwa yasanyuka nnyo okulaba ng'etaasizza obunyonyi, era kkapa yali ekyali njala.*

*Akagero kakomye wano.*

Bw'omala okugamba nti *Akagero kakomye wano* buuza ebibuuzo by'okutegeera.

**Olupapula lw'obubonero olw'Obunyonyi Obuto**

**Ekitundu I: Okunyumya**

A. Obuzimbe bw'Akagero; B. Obugazi bw'obuzimbe;

C. Ebigambo by'Embeera y'Omunda

## A. Obuzimbe bw'Akagero

| | | Ebyokulabirako by'ebyokwanukula okutuufu [11] | Obubonero |
|---|---|---|---|
| **A1.** | Obudde/ Ekifo | Obudde ne/oba ekifo, okugeza, awo olwatuuka/ olumu / edda ennyo...<br>mu kibira/mu ppaaka/mu nnimiro/mu kisu ky'ekinyonyi/waggulu mu muti | 0 1 2[12] |
| *Ekitundu 1: Maama/Ekinyonyi (Abeetabi mu kitundu kino: ekinyonyi ekikazi n'obunyonyi obuto)* | | | |
| **A2.** | Ebigambo by'embeera y'omunda eyaviirako ekikolwa | **Obunyonyi obuto** bwali njala/bwali bwagala mmere/bwali bukaabira mmere/bwasaba emmere<br>**<Maama/ Ekinyonyi/ Omuzadde, n'ebirala>** yalaba ng'obunyonyi obuto bwali njala/bwali bwagala mmere | 0 1 |
| **A3.** | Ekiruubirirwa | **Maama w'obunyonyi** yali ayagala kuliisa bunyonyi obuto / kukwata/kuleeta/kunoonya mmere/nsiriŋŋanyi<br>(Okusobola) oku- + EKIKOLWA (okufuna emmere) | 0 1 |
| **A4.** | Okugezaako | **Maama w'obunyonyi** yabuuka / yagenda / yanoonya emmere / yali anonye mmere<br>**Maama w'obunyonyi** yagezaako oku- + EKIKOLWA (okufuna emmere) | 0 1 |
| **A5.** | Ekyavaamu | **Maama w'obunyonyi** yafuna/yakwata/yaleeta/yakomawo n'emmere/ ensiriŋŋanyi/yaliisa obwana<br>**Obunyonyi obuto** bwafuna emmere/ensiriŋŋanyi | 0 1 |
| **A6.** | Ebigambo by'embeera y'omunda eyavaamu | **Maama w'obunyonyi** yasanyuka/yali mumativu<br>**Obunyonyi obuto** bwasanyuka/bwali bumativu /bwawona enjala | 0 1 |
| *Ekitundu 2: Kkapa (Abeetabi mu kitundu kino: kkapa n'obunyonyi obuto)* | | | |
| **A7.** | Ebigambo by'embeera y'omunda eyaviirako ekikolwa | **Kkapa** <u>yalaba</u> maama ng'abuuka agenda/ <u>yalaba</u> ng'obunyonyi obuto buli bwokka / yalaba nga waliwo <u>ekyokulya</u><br>**Kkapa** yali njala | 0 1 |
| **A8.** | Ekiruubirirwa | **Kkapa** yali eyagala kulya / kukwata/kutta bunyonyi<br>(Okusobola) oku- + EKIKOLWA (okulya, okukwata, okutta, okufuna) | 0 1 |
| **A9.** | Okugezaako | **Kkapa** yali/erinnya omuti<br>**Kkapa** yagezaako okufuna akanyonyi akato<br>**Kkapa** yalinnya/ yabuukira omuti | 0 1 |
| **A10.** | Ekyavaamu | **Kkapa** yakwata/yafuna akanyonyi akato<br>**Kkapa** kata/yali eri kumpi + EKIKOLWA (okukwata, okufuna) | 0 1 |

[11] Bw'oba obuusabuusa oba ng'omwana ky'ayanukudde tekiri ku lupapula lw'ebyanukulwa luno tunula mu ndagiriro.

[12] Zeero ng'ekyanukuddwa kikyamu oba nga tayanukudde, akabonero 1 ku kyanukuddwa ekituufu kimu, obubonero 2 ng'akoonye ku budde n'ekifo.

| | | | |
|---|---|---|---|
| **A11.** | Ebigambo by'embeera y'omunda eyavaamu | **Kkapa** yasanyuka<br>**Akanyonyi/obunyonyi** bwatya/bwakaaba/bwaleekaana mu bulumi | 0 1 |
| *Ekitudu 3: Embwa (abeetabi mu kitundu kino: embwa, kkapa n'obunyonyi obuto* | | | |
| **A12.** | Ebigambo by'embeera y'omunda eyaviirako ekikolwa | **Embwa** yalaba ng'akanyonyi kali mu bulabe / yalaba nti kkapa yali ekutte akanyonyi<br>**Akanyonyi/obunyonyi** bwali mu bulabe | 0 1 |
| **A13.** | Ekiruubirirwa | **Embwa** yasalawo/yali eyagala kulemesa kkapa<br>**Embwa** yasalawo/yali eyagala kuyamba/kutaasa/kuwonya bunyonyi<br>(Okusobola) oku- + EKIKOLWA (okulemesa, okutaasa, okuyamba) | 0 1 |
| **A14.** | Okugezaako | **Embwa** yali/esika/esikaasikanya /ewanula kkapa / eruma/ ekwata kkapa / ekwata omukira gwa kkapa<br>**Embwa** yagezaako oku- + EKIKOLWA (okusika, okusikaasikanya, okuwanula)<br>**Embwa** yasika/yasikaasikanya/yawanula / yaluma/ yakwata kkapa/ yakwata omukira gwa kkapa | 0 1 |
| **A15.** | Ekyavaamu | **Embwa** yagobaganya kkapa/ yakanga kkapa<br>**Kkapa** yaleka akanyonyi/yadduka<br>**Obunyonyi** bwawonyezebwa/bwataasibwa | 0 1 |
| **A16.** | Ebigambo by'embeera y'omunda eyavaamu | **Embwa** yasanyuka/yeenyumiriza (mu kutaasa/kuwonya akanyonyi)<br>**Kkapa** yali nnyiivu/yawulira bubi/yacankalana/yatya/yalumwa/omukira gwa kkapa gwafuna obuvune<br>**Akanyonyi/obunyonyi** bwafuna obuweerero/bwasanyuka/bwataasibwa<br>**Maama w'obunyonyi** yafuna obuweerero/yasanyuka | 0 1 |
| **A17.** | | **Omugatte gw'obubonero ku 17:** | |

### B. Obugazi bw'Obuzimbe

| Omuwendo gwa GV nga biddiriŋŋana (Okugezaako, Ekivaamu) | Omuwendo gwa R (Ekiruubirirwa) yokka (awatali G oba V) | Omuwendo gwa RG / RV nga biddiriŋŋana | Omuwendo gwa RGV nga biddiriŋŋana |
|---|---|---|---|
| B1. | B2. | B3. | B4. |
| | | | |

## C. Ebigambo by’Embeera y’Omunda (IST)

| | |
|---|---|
| C1. | Omugatte gw’Ebigambo by’Embeera y’Omunda. Ebigambo bino mulimu:<br>**Ebigambo by’embeera y’okufuna** okugeza *okulaba, okuwulira (n’amatu), okuwulira (n’olususu), okuwunyiriza;*<br>**Ebigambo by’embeera y’omubiri** okugeza *ennyonta, enjala, okukoowa, okulumizibwa, obuvune;*<br>**Ebigambo by’embeera y’okutegeera** okugeza *okuba omulamu, okuzuukuka, okwebaka*;<br>**Ebigambo by’ebirowoozo** okugeza *okwennyamira, okusanyuka, okunyiiga, okweraliikirira, okwebbika, okutya, okwenyumiriza, okuguma,* (okuwulira) *ng’otebenkedde, ng’osanyuse, okwewuunya;*<br>**Ebikolwa by’okulowooza** okugeza *okwagala, okulowooza, okumanya, okwerabira, okusalawo, okukkiriza, okwewuunya, okukola enteekateeka*;<br>**Ebikolwa by’ekinnannimi/ebikolwa by’okugamba/okutegeeza** okugeza *okugamba, okuyita, okuleekaana, okulabula, okubuuza.* |

## Ekitundu II: Okutegeera

| | | Ebyokulabirako by'Okwanukula okutuufu | Ebyokulabirako by'okwanukula okukyamu | Obubonero |
|---|---|---|---|---|
| **0** | Akagero kakunyumidde? | **Kibuuzo kya kwegezaamu, tekigabirwako bubonero** | | |
| **D1.** | Lwaki maama w'obunyonyi abuuka n'agenda?<br>*(songa ku bifaananyi 1-2)*<br>(Ekitundu 1: Ekiruubirirwa/ Ebigambo by'embeera y'omunda eyaviirako ekikolwa) | Ayagala kufuna/kuleeta mmere / nsiriŋŋanyi eri obunyonyi obuto<br>(Okusobola) oku- + EKIKOLWA (okuliisa) obunyonyi obuto<br>Obunyonyi obuto buyala | Agenda ku mulimu<br>Agenda kunona taata<br>Atidde | 0 1 |
| **D2.** | Obunyonyi obuto buwulira butya?<br>*(songa ku kifaananyi 1)*<br>(Ebigambo by'embeera y'omunda eyaviirako ekikolwa) | Bubi/buyala<br>Bwagala mmere | Bulungi/ busanyufu/ bwewuunyizza/ buwuubadde/ butidde | 0 1 |
| **D3.** | *(Buuza D3 singa omwana ayanukula mu butuufu nga tannyonnyodde / talaze nsonga mu D2. Bw'annyonnyola mu butuufu mu D2, muwe akabonero mu D3 ogende ku D4.)*<br><br>Olowooza lwaki obunyonyi obuto buwulira bubi/buyala n'ebirala?[13] | Emimwa gyabwo gyasamye/ busaba mmere<br>Bukaaba: "Twagala mmere/enjala etuluma"<br>Maama yagenze kuleeta mmere / yakomyewo n'ensiriŋŋanyi okubuliisa<br>Obunyonyi obuto buli kiseera bubeera buyala (amakulu ag'awamu) | Busanyufu/ buyimba/<br>Bubadde bwagala kugenda ne maama /<br>Butidde kkapa/butidde kubanga bulabye kkapa/<br>Buwulira bubi/butidde kubanga maama agenze | 0 1 |
| **D4.** | Lwaki kkapa erinnya omuti?<br>*(songa ku kifaananyi 3)*<br>(Ekitundu 2: Ekiruubirirwa) | Eyagala kufuna/kutta/kulya kanyonyi /<br>Eyagala kanyonyi<br>(Okusobola) oku- + EKIKOLWA (okufuna, okutta, okulya) akanyonyi<br>Yali tesobola kwesonyiwa kanyonyi/ ekozesa omukisa nga maama agenze/taliiwo<br>Kkapa zaagala okulya/okukwata obunyonyi (amakulu ag'awamu) | Okuzannya n'obunyonyi obuto | 0 1 |
| **D5.** | Kkapa ewulira etya?<br>*(songa ku bifaananyi 5-6)*<br>(Ebigambo by'embeera y'omunda eyavaamu) | Bubi/ (ekyali) njala/ nnyiivu/ ecankalanye/ yennyamidde/ etidde/ ekoseddwa/ nsiru | Bulungi/ musanyufu/ mumativu/ ezannya/edduka | 0 1 |

[13] Kozesa Ekigambo ky'Embeera kyekimu omwana ky'akozesezza mu kwanukula ku D2.

| | | | | |
|---|---|---|---|---|
| **D6.** | *(Buuza D6 yokka singa omwana ayanukula mu butuufu nga tannyonnyodde/ talaze nsonga mu D5. Bw'annyonnyola mu butuufu mu D5, muwe akabonero mu D6 ogende ku D7.)*<br>Olowooza lwaki kkapa ewulira bubi/njala/etidde n'ebirala?[14] | Teyafunye bunyonyi/yalemereddwa okuwangula<br>Etidde/embwa<br>Embwa erumba /eruma/ egoba /esika/eruma omukira gwa kkapa<br>*Okwanukula ku D5 bwe kuba "bubi/njala", okwanukula ku D6 nakwo kusobola okuba:* ekyali njala | Nsanyufu/ ezannya/etandise okubuuka/erabika bw'etyo<br>Embwa yatutte emmere ya kkapa<br><br>Embwa eyagala kulya kkapa<br>Simanyi | 0 1 |
| **D7.** | Lwaki embwa ekwata omukira gwa kkapa? *(songa ku kifaananyi 5)*<br>(Ekitundu 3: Ekiruubirirwa) | Esalawo/eyagala kutaasa/kuwonya/kuyamba/kukuuma bunyonyi<br>Esalawo/eyagala kulemesa kkapa/kuleetera kkapa kuva ku kanyonyi<br>(Okusobola) oku- + EKIKOLWA (okutaasa, okuwonya, okuyamba, okukuuma)<br>Obunyonyi buleme okuliibwa/okuttibwa/okukosebwa | Eyagala kulya kanyonyi yo yennyini/ Eyagala kulya kkapa/ Kuzannya na kkapa<br>Embwa ziwalana/ tezaagala kkapa (amakulu ag'awamu) | 0 1 |
| **D8.** | Kitwale nti embwa eraba obunyonyi. Embwa ewulira etya? *(songa ku kifaananyi 6)*<br>(Ebigambo by'embeera y'omunda eyavaamu) | Bulungi/nsanyufu/ ekkakkanye/mumativu/ yeenyumiriza/eyambye<br>Ng'omukuumi/omuzira<br>Eyagala okubukuuma | Bubi/nnyiivu/ ecankalanye/ esaaliddwa/nsiru/ njala<br>"Nteekwa okufuna kkapa" | 0 1 |
| **D9.** | *(Buuza D9 ng'omwana ayanukudde mu butuufu nga tannyonnyodde/ tawadde nsonga mu D8. Bw'aba annyonnyodde mu butuufu mu D8, muwe akabonero ku D9 ogende ku D10.)*<br>Olowooza lwaki embwa ewulira bulungi/nsanyufu/ mmativu n'ebirala?[15] | Yalemesa kkapa/yagobayo kkapa<br>Yataasa/yawonya/yayamba obunyonyi<br>Eraba ng'obunyonyi tebuli mu bulabe /busanyufu<br>Kati kkapa tejja kukomawo | Emwenya /bw'etyo bw'erabika<br>Teyafuna kkapa<br>Eyagala kulya bunyonyi yo yennyini<br>Ekambuwalidde kkapa | 0 1 |
| **D10.** | Maama w'obunyonyi ani gw'asinga okwagala, kkapa oba mbwa? Lwaki? | Mbwa – wa ensonga waakiri emu (yawonya/yayamba obunyonyi obuto/yagoba kkapa /yali ya kisa eri obunyonyi) | Kkapa /Simanyi /okwanukula okulala okutalina makulu | 0 1 |
| **D11.** | | | **Omugatte gw'Obubonero ku 10:** | |

[14] Kozesa Ekigambo ky'Embeera kyekimu omwana ky'akozesezza mu kwanukula ku D5.
[15] Kozesa Ekigambo ky'Embeera kyekimu omwana ky'akozesezza mu kwanukula ku D8.

**Enkola ku Bubuzi Obuto**

Okunyumya / Okuddamu Ebyogeddwa / Okunyumya Akagero

Amannya g'omwana: ______________________________

Ennaku z'omwezi kwe yazaalirwa: _____________________________

Ennaku z'omwezi kwe yabuulizibwa: __________________________

Obukulu we yabuulizibwa (emyezi): ______________________________

Ekikula: ______________________________

Amannya g'omubuuza: ______________________________

Ekiseera ky'amaze ng'awulira olulimi olwokubiri (L2) (emyezi): __________

Ennaku z'omwezi kwe yayingirira mu nnansale: ________________

Erinnya lya nnansale: ______________________________

Kakasa nti amabaasa gonna gali ku mmeeza ng'okubuuza tekunnatandika. Tegeka likooda y'amaloboozi okusobola okukwata ekitundu kino. Tandika okukwata amaloboozi ng'okwegezaamu tekunnatandika.

**Okwegezaamu**

Okugeza buuza nti: Ani mukwano gwo asinga? Kiki ky'onyumirwa okulaba ku ttivvi? Onyumirwa okunyumya obugero? Onyumirwa okuwuliriza obugero?

**Ebigobererwa**

**Ebigobererwa mu Kunyumya**

Tuula ng'otunuulidde omwana. Gamba omwana nti: *Labayo, nnina amabaasa 3 wano. Mu buli bbaasa mulimu akagero ak'enjawulo. Londako emu osobole okumbuulira akagero.* Yanjuluza ebifaananyi enziriŋŋana yaabyo yonna esobole okulabibwa omwana yekka. *Sooka otunuulire akagero konna. Weetegese?*

Yanjuluza ebifaananyi ebisooka 2. Gamba omwana nti: *Njagala onyumye akagero. Tunuulira ebifaananyi ogezeeko okunyumya akagero nga bw'osobola.* Ekisobola okukozesebwa okusokaasoka omwana bw'aba agaanye okutandika: *"Nnyumiza akagero"* (songa ku kifaananyi). Omwana bw'amala okwogera ku bifaananyi 2 ebisooka, yanjuluza ebiddako (ebifaananyi byonna okuva ku 1 okutuuka ku 4 bibeere nga birabika). Ddamu emitendera gino okutuuka ku nkomerero y'akagero. Ebisobola okukozesebwa okusokaasoka omwana bw'asirika mu makkati g'akagero**:** *"Waliwo ekirala?", "Genda mu maaso", "Mbuulira ekirala", "Kiki ekirala ekiri mu lugero".* Omwana bw'amala okwogera nga tategeezezza nti amaze, mugambe nti: *"Mbuulira ng'omaze".*

Omwana bw'aba ng'amaze, mwebaze oluvannyuma obuuze ebibuuzo by'okutegeera.

**Ebigobererwa mu Kuddamu Ebyogeddwa**

Tuula ng'otunuulidde omwana. Gamba omwana nti: *Labayo, nnina amabaasa 3 wano. Mu buli bbaasa mulimu akagero ak'enjawulo. Londako emu nkunyumize akagero.* Yanjuluza ebifaananyi enziriŋŋana yaabyo yonna esobole okulabibwa omwana yekka.

*Sooka otunuulire akagero konna. Weetegese? Ŋŋenda kukunyumiza akagero oluvannyuma naawe oddemu okannyumize.*

Yanjuluza ebifaananyi 1 ne 2. *Akagero katandikira wano:* (songa ku kifaananyi 1). *Olunaku lumu waaliwo maama w'embuzi eyalaba ng'akaana ke kaali kagudde mu mazzi era nga kaali katidde. Yabuuka n'agwa mu mazzi olw'okuba nga yali ayagala okukataasa. Ekibe ekiyala kyalaba maama w'embuzi ng'agudde mu mazzi ne kiwuluguma: "Mmm, kirungi, kiki kino kye ndaba ku bisubi?"*

Yanjuluza ebifaananyi 3 ne 4 (ebifaananyi byonna okuva ku 1 okutuuka ku 4 bibeere nga birabika). *Maama w'embuzi yakasuka akaana ebweru w'amazzi, naye teyalaba kibe. Yali musanyufu olw'okuba ng'akaana ke tekabbira. Wabula ekibe kyabuuka kubanga kyali kyagala kukwata kaana kali akalala. Kyakwata akaana k'embuzi. Ekinyonyi ekivumu ekyali kibuuka kyalaba ng'akaana k'embuzi kali mu bulabe obw'amaanyi. Kyasalawo okulemesa ekibe okutaasa akaana k'embuzi.*

Yanjuluza ebifaananyi 5 ne 6 (ebifaananyi okuva ku 1 okutuuka ku 6 bibeere nga birabika). *Ekinyonyi kyagamba ekibe nti: "Vva ku kaana k'embuzi". Awo ne kikka wansi ne kibojja omukira gw'ekibe. Ekibe kyaleka akaana k'embuzi ekinyonyi ne kikigoba. Ekinyonyi kyasanyuka nnyo okuba nga kitaasizza akaana k'embuzi, so ng'ekibe kyasigala kikyali kiyala.*

*Akagero kakomye wano.*

Yanjuluza ebifaananyi kibeere nti ebifaananyi 2 ebisooka birabibwa omwana yekka. Gamba omwana nti: *Kaakati njagala onyumye akagero. Tunuulira ebifaananyi ogezeeko okunyumya akagero nga bw'osobola.* Ekisobola okukozesebwa okusokaasoka omwana bw'aba agaanye okutandika: *"Nnyumiza akagero"* (songa ku kifaananyi). Omwana bw'amala okwogera ku bifaananyi 2 ebisooka, yanjuluza ebiddako (ebifaananyi byonna okuva ku 1 okutuuka ku 4 bibeere nga birabika). Ddamu emitendera gino okutuuka ku nkomerero y'akagero. Ebisobola okukozesebwa okusokaasoka omwana bw'asirika mu makkati g'akagero**:** *"Waliwo ekirala?", "Genda mu maaso", "Mbuulira ekirala", "Kiki ekirala ekiri mu lugero".* Omwana bw'amala okwogera nga tategeezezza nti amaze, mugambe nti: *"Mbuulira ng'omaze".*

Omwana bw'aba ng'amaze, mwebaze oluvannyuma obuuze ebibuuzo by'okutegeera.

**Ebigobererwa mu Kagero ak'Okulabirako**

Tuula ng'otunuulidde omwana. Gamba omwana nti: *Labayo, nnina amabaasa 3 wano. Mu buli bbaasa mulimu akagero olw'enjawulo. Londako emu nkunyumize akagero.* Yanjuluza ebifaananyi enziriŋŋana yaabyo yonna esobole okulabibwa omwana yekka. *Sooka otunuulire akagero konna. Weetegese? Ŋŋenda kukunyumiza akagero oluvannyuma mbeeko ebibuuzo bye nkubuuza.*

Yanjuluza ebifaananyi 1 ne 2. *Akagero katandikira wano:* (songa ku kifaananyi 1). *Olunaku lumu waaliwo maama w'embuzi eyalaba ng'akaana ke kaali kagudde mu mazzi era nga kaali katidde. Yabuuka n'agwa mu mazzi olw'okuba nga yali ayagala okukataasa. Ekibe ekiyala kyalaba maama w'embuzi ng'agudde mu mazzi ne kiwuluguma: "Mmm, kirungi, kiki kino kye ndaba ku bisubi?"*

Yanjuluza ebifaananyi 3 ne 4 (ebifaananyi byonna okuva ku 1 okutuuka ku 4 bibeere nga birabika). *Maama w'embuzi yakasuka akaana ebweru w'amazzi, naye teyalaba kibe. Yali musanyufu olw'okuba ng'akaana ke tekabbira. Wabula ekibe kyabuuka kubanga kyali kyagala kukwata kaana kali akalala. Kyakwata akaana k'embuzi. Ekinyonyi ekivumu ekyali kibuuka kyalaba ng'akaana k'embuzi kali mu bulabe obw'amaanyi. Kyasalawo okulemesa ekibe okutaasa akaana k'embuzi.*

Yanjuluza ebifaananyi 5 ne 6 (ebifaananyi okuva ku 1 okutuuka ku 6 bibeere nga birabika). *Ekinyonyi kyagamba ekibe nti: "Vva ku kaana k'embuzi". Awo ne kikka wansi ne kibojja omukira gw'ekibe. Ekibe kyaleka akaana k'embuzi ekinyonyi ne kikigoba. Ekinyonyi kyasanyuka nnyo okuba nga kitaasizza akaana k'embuzi, so ng'ekibe kyasigala kikyali kiyala.*

*Akagero kakomye wano.*

## Olupapula lw'obubonero olw'Obwana bw'Embzi

### Ekitundu I: Okunyumya

A. Obuzimbe bw'Akagero; B. Obugazi bw'obuzimbe;

C. Ebigambo by'Embeera y'Omunda

### A. Obuzimbe bw'Akagero

| | | Ebyokulabirako by'ebyokwanukula okutuufu [16] | Obubonero |
|---|---|---|---|
| **A1.** | Obudde/ Ekifo | Obudde ne/oba ekifo, okugeza, awo olwatuuka/ olumu / edda ennyo...<br>mu kibira/mu ssamba/mu nnimiro/ku lubalama lw'ennyanja/ku kidiba | 0 1 2[17] |
| *Ekitundu 1: Maama/Embuzi (Abeetabi mu kitundu kino: akaana k'embuzi ne maama/embuzi)* | | | |
| **A2.** | Ebigambo by'embeera y'omunda eyaviirako ekikolwa | **Akaana k'embuzi** kaali katidde/mu bulabe/kaali keetaaga obuyambi/kaasaba (obuyambi)/ kaayita maama waako<br>**<Maama/ Embuzi/Muzadde n'ebirala**> yalaba ng'akaana katidde/kali mu bulabe/kabbira/tekasobola kuwuga<br>**<Maama/Embuzi/Muzadde n'ebirala**> yatya olw'akaana ke akaali mu mazzi | 0 1 |
| **A3.** | Ekiruubirirwa | **Maama w'embuzi** yayagala okuyamba akaana/okutaasa/okuwonya akaana/okuggya akaana mu mazzi<br>(Okusobola) oku- + EKIKOLWA (okutaasa, okuyamba) akaana | 0 1 |
| **A4.** | Okugezaako | **Maama w'embuzi** yadduka/yagenda mu mazzi<br>**Maama w'embuzi** asindika/ayamba<br>**Maama w'embuzi** yagezaako oku- + EKIKOLWA (okuyamba, okusindika) | 0 1 |
| **A5.** | Ekyavaamu | **Maama w'embuzi** yakasuka akaana okuva mu mazzi/yataasa/yawonya/yayamba akaana okuva mu mazzi<br>**Akaana k'embuzi** kaataasibwa / okuva mu mazzi | 0 1 |
| **A6.** | Ebigambo by'embeera y'omunda eyavaamu | **Maama w'embuzi** yasanyuka / yatoowolokoka<br>**Akaana k'embuzi** kaatoowolokoka / kaali kamativu/kasanyufu/ tekakyali mu kutya | 0 1 |
| *Ekitundu 2: Ekibe (abeetabi mu kitundu kino: ekibe n'akaana k'embuzi)* | | | |
| **A7.** | Ebigambo by'embeera y'omunda eyaviirako ekikolwa | **Ekibe** kyalaba maama atunudde eri / kyalaba ng'akaana k'embuzi kali kokka/ kyalaba nga waliwo emmere<br>**Ekibe** kyali kiyala | 0 1 |
| **A8.** | Ekiruubirirwa | **Ekibe** kyali kyagala kulya /kukwata/kutta kaana ka mbuzi | 0 1 |

[16] Bw'oba obuusabuusa oba ng'omwana ky'ayanukudde tekiri ku lupapula lw'ebyanukulwa luno tunula mu ndagiriro.

[17] Zeero ng'ekyanukuddwa kikyamu oba nga tayanukudde, akabonero 1 ku kyanukuddwa ekituufu kimu, obubonero 2 ng'akoonye ku budde n'ekifo.

| | | | |
|---|---|---|---|
| | | (Okusobola) oku- + EKIKOLWA (okulya, okukwata, okufuna, okutta) | |
| **A9.** | Okugezaako | **Ekibe** kyabuuka nga kigenda eri akaana k'embuzi<br>**Ekibe** kyagezaako okukwata akaana k'embuzi | 0 1 |
| **A10.** | Ekyavaamu | **Ekibe** kyafuna/kyakwata akaana k'embuzi<br>**Ekibe** kata/kyali kumpi + EKIKOLWA (okukwata, okufuna) | 0 1 |
| **A11.** | Ebigambo by'embeera y'omunda eyavaamu | **Ekibe** kyasanyuka<br>**Akaana k'embuzi** kaatya/kaakaaba/kaaleekaana mu bulumi | 0 1 |
| *Ekitundu 3: Ekinyonyi (abeetabi mu kitundu kino: ekinyonyi, ekibe n'akaana k'embuzi)* | | | |
| **A12.** | Ebigambo by'embeera y'omunda eyaviirako ekikolwa | **<Ekinyonyi, Namuŋŋoona, n'ebirala>** kyalaba ng'embuzi eri mu bulabe / kyalaba ng'ekibe kikutte embuzi<br>**Akaana k'embuzi** kaali mu bulabe | 0 1 |
| **A13.** | Ekiruubirirwa | **Ekinyonyi** kyasalawo /kyayagala okulemesa ekibe<br>**Ekinyonyi** kyasalawo /kyali kyagala okuyamba/okutaasa akaana k'embuzi<br>(Okusobola) oku- + EKIKOLWA (okulemesa, okutaasa, okuyamba) | 0 1 |
| **A14.** | Okugezaako | **Ekinyonyi** kyali/kibojja/kisika omukira gw'ekibe<br>**Ekinyonyi** kyabojja/kyasika omukira gw'ekibe /kyalumbagana ekibe<br>**Ekinyonyi** kyagezaako oku- + EKIKOLWA (okugoba ekibe) | 0 1 |
| **A15.** | Ekyavaamu | **Ekinyonyi** kyagoba ekibe / kyakanga ekibe<br>**Ekibe** kyaleka akaana k'embuzi/kyadduka<br>**Akaana k'embuzi** kaawonyezebwa/kaataasibwa | 0 1 |
| **A16.** | Ebigambo by'embeera y'omunda eyavaamu | **Ekinyonyi** kyasanyuka/kyenyumiriza mu kutaasa/okuwonya akaana k'embuzi<br>**Ekibe** kyanyiiga/kyawulira bubi/kyacankalana/kyatya/kyalumwa/omukira gw'ekibe gwafuna obuvune<br>**Akaana k'embuzi** kaafuna obuweerero/kaasanyuka/kaataasibwa<br>**Embuzi** yafuna obuweerero/yasanyuka | 0 1 |
| **A17.** | | **Omugatte gw'obubonero ku 17:** | |

### B. Obugazi bw'Obuzimbe

| Omuwendo gwa GV nga biddiriŋŋana (Okugezaako, Ekivaamu) | Omuwendo gwa R (Ekiruubirirwa) yokka (awatali G oba V) | Omuwendo gwa RG / RV nga biddiriŋŋana | Omuwendo gwa RGV nga biddiriŋŋana |
|---|---|---|---|
| B1. | B2. | B3. | B4. |
| | | | |

**C. Ebigambo by'Embeera y'Omunda (IST)**

| | |
|---|---|
| C1. | Omugatte gw'Ebigambo by'Embeera y'Omunda. Ebigambo bino mulimu:<br>**Ebigambo by'embeera y'okufuna** okugeza *okulaba, okuwulira (n'amatu), okuwulira (n'olususu), okuwunyiriza;*<br>**Ebigambo by'embeera y'omubiri** okugeza *ennyonta, enjala, okukoowa, okulumizibwa, obuvune;*<br>**Ebigambo by'embeera y'okutegeera** okugeza *okuba omulamu, okuzuukuka, okwebaka*;<br>**Ebigambo by'ebirowoozo** okugeza *okwennyamira, okusanyuka, okunyiiga, okweraliikirira, okwebbika, okutya, okwenyumiriza, okuguma,* (okuwulira) *ng'otebenkedde, ng'osanyuse, okwewuunya;*<br>**Ebikolwa by'okulowooza** okugeza *okwagala, okulowooza, okumanya, okwerabira, okusalawo, okukkiriza, okwewuunya, okukola enteekateeka*;<br>**Ebikolwa by'ekinnannimi/ebikolwa by'okugamba/okutegeeza** okugeza *okugamba, okuyita, okuleekaana, okulabula, okubuuza.* |

## Ekitundu II: Okutegeera

| | | Ebyokulabirako by'Okwanukula okutuufu | Ebyokulabirako by'okwanukula okukyamu | Obubonero |
|---|---|---|---|---|
| **0** | Akagero kakunyumidde? | **Kibuuzo kya kwegezaamu, tekigabirwako bubonero** | | |
| **D1.** | Lwaki maama w'embuzi yali mu mazzi? *(songa ku bifaananyi 1-2)* (Ekitundu 1: Ekiruubirirwa/ Ebigambo by'embeera y'omunda eyaviirako ekikolwa) | Ayagala kutaasa/kuyamba/ kuwonya kaana ka mbuzi (Okusobola) oku- + EKIKOLWA (okuyamba, okutaasa) akaana k'embuzi Yeeraliikiridde olw'akaana k'embuzi Akaana k'embuzi kaali kakaabira okuyambibwa/kaali mu bulabe/katidde | Awuga /azannya/ayagala kunaaba/ kwenaaza /kunaaza kaana ka mbuzi /kweweweezaako /kunywa mazzi | 0 1 |
| **D2.** | Akaana k'embuzi kawulira katya? *(songa ku kaana k'embuzi mu mazzi, ekifaananyi 1)* (Ebigambo by'embeera y'omunda eyaviirako ekikolwa) | Bubi/katidde/kali mu bulabe Kaagala kutaasibwa | Bulungi/kasanyufu/ kazannya/ kannyogoze/ kawewedde/ kawulira empewo/ kayonta/ kacaafu/ kayonjo/ kasiru | 0 1 |
| **D3.** | *(Buuza D3 singa omwana ayanukula mu butuufu nga tannyonnyodde / talaze nsonga mu D2. Bw'annyonnyola mu butuufu mu D2, muwe akabonero mu D3 ogende ku D4.)* Olowooza lwaki akaana k'embuzi kawulira bubi/katidde/kali mu bulabe?[18] | Kagudde mu mazzi /tekasobola kuva mu mazzi/ kabbira /tekasobola kuwuga Kaleekaana "Munnyambe, nzibira!" Obwana tebusobola kuwuga (amakulu ag'awamu) | Kayala/kayonta/ kawuga/ kazannyira mu mazzi/tekakkirizibwa kuyimirirawo | 0 1 |
| **D4.** | Lwaki ekibe kibuuka? *(songa ku kifaananyi 3)* (Ekitundu 2: Ekiruubirirwa) | Kyagala kufuna/kutta/kulya kaana ka mbuzi/ Kyagala kaana ka mbuzi (Okusobola) oku- + EKIKOLWA (okufuna, okutta) akaana k'embuzi Kyali tekisobola kusubwa kaana ka mbuzi /kikozesa omukisa nga maama talabayo/ali wala Ebibe byagala nnyo okulya obwana | Okuzannya n'akaana k'embuzi | 0 1 |

[18] Kozesa Ekigambo ky'Embeera kyekimu omwana ky'akozesezza mu kwanukula ku D2.

| | | | | |
|---|---|---|---|---|
| | | bw'embuzi (amakulu ag'awamu) | | |
| **D5.** | Ekibe kiwulira kitya? *(songa ku bifaananyi 5-6)* (Ebigambo by'embeera y'omunda eyavaamu) | Bubi (kikyali) kiyala / kinyiivu/kicankalanye/ kyennyamidde/kitidde/ kikoseddwa/kisiru | Bulungi/kisanyufu /kimativu/kizannya/ kidduka | 0 1 |
| **D6.** | *(Buuza D6 yokka singa omwana ayanukula mu butuufu nga tannyonnyodde/ talaze nsonga mu D5. Bw'annyonnyola mu butuufu mu D5, muwe akabonero mu D6 ogende ku D7.)*<br>Olowooza lwaki ekibe kiwulira bubi/kitidde/kiyala n'ebirala?[19] | Tekifunye kaana ka mbuzi/kiremereddwa okuwangula<br>Kitidde ekinyonyi<br>Ekinyonyi kikirumbye/kikibojja/kikigoba /kibojja omukira gw'ekibe<br>*Okwanukula ku D5 bwe kuba "bulungi/kinyiivu", okwanukula ku D6 nakwo kusobola okuba:* kikyali kiyala | Ekibe kidduka/kirabika bwekityo<br>Ekinyonyi kyatwala emmere y'ekibe<br>Ekinyonyi kyagala kulya kibe<br>Simanyi | 0 1 |
| **D7.** | Lwaki ekinyonyi kibojja omukira gw'ekibe? *(songa ku kifaananyi 5)* (Ekitundu 3: Ekiruubirirwa) | Kisalawo/kyagala kutaasa/ kuwonya/ kuyamba/kukuuma kaana ka mbuzi<br>Kisalawo/kyagala kulemesa kibe/okuleetera ekibe okuva ku kaana k'embuzi<br>(Okusobola) oku- + EKIKOLWA (okutaasa, okuwonya, okuyamba)<br>Akaana k'embuzi kaleme okuliibwa/kuttibwa/ kukosebwa | Kyagala kulya kaana ka mbuzi kyo kyennyini<br>Kyagala kulya kibe<br>Kuzannya na kibe<br>Ebinyonyi biwalana/tebyagala bibe<br>(amakulu ag'awamu) | 0 1 |
| **D8.** | Kitwale nti ekinyonyi kiraba embuzi. Ekinyonyi kiwulira kitya? *(songa ku kifaananyi 6)*<br>(Ebigambo by'embeera y'omunda eyavaamu) | Bulungi/kisanyufu/ kikkakkanye/kimativu/ kyenyumiriza/kiyambye<br>Ng'omukuumi/omuzira<br>Kyagala okuzikuuma | Bubi/kinyiivu/ kicankalanye/ kisaaliddwa/ kisiru/ kiyala<br>"Nteekwa okufuna ekibe" | 0 1 |
| **D9.** | *(Buuza D9 ng'omwana ayanukudde mu butuufu nga tannyonnyodde/ tawadde nsonga mu D8. Bw'aba annyonnyodde mu butuufu mu D8, muwe akabonero ku D9 ogende ku D10.)*<br>Olowooza lwaki ekinyonyi kiwulira bulungi/kisanyufu n'ebirala?[20] | Kiremesezza ekibe/kigobye ekibe<br>Kitaasizza/kiwonyezza/kiyambye embuzi<br>Kiraba ng'embuzi ziri bulungi/nsanyufu/teziri mu bulabe<br>Kati ekibe tekijja kudda | Kimwenya/kirabika bwekityo<br>Tekyafuna kibe<br>Kyagala kulya kaana ka mbuzi kyo kyennyini<br>Kikambuwalidde ekibe | 0 1 |

[19] Kozesa Ekigambo ky'Embeera kyekimu omwana ky'akozesezza mu kwanukula ku D5.
[20] Kozesa Ekigambo ky'Embeera kyekimu omwana ky'akozesezza mu kwanukula ku D8.

| | | | | |
|---|---|---|---|---|
| **D10.** | Embuzi ani gw’esinga okwagala, kibe oba kinyonyi? Lwaki? | Kinyonyi – leeta waakiri ensonga emu (kyataasa/kyayamba akaana k’embuzi/kyagoba ekibe / kyali kya kisa eri embuzi) | Kibe /Simanyi/okwanukula okulala okutalina makulu | 0 1 |
| **D11.** | | | **Omugatte gw’obubonero ku 10:** | |

## Ebibuuzo by'ebikwata ku muntu

**1. Amannya g'omwana (erisooka, ery'ekika)** ______________________________________

**2. Olunaku kwe yazaalirwa** ______________________________________

**3. Omwana wo mu kiseera kino agenda mu nnansale/ssomero?**

- ○ Yee, nnansale okuva ______________ (omwaka, omwezi)
- ○ Nedda

Bwe kiba yee, nnansale ya kika ki?

- ○ Nnimi bbiri
- ○ Lulimi lumu L1 = olulimi lw'omwana oluzaaliranwa
- ○ Lulimi lumu L2 = olulimi lw'omwana olwokubiri
- ○ Ekirala, kika ki ekirala? ________________________

- ○ Yee, ssomero okuva ______________ (omwaka, omwezi)
- ○ Nedda

Bwe kiba yee, ssomero lya kika ki?

- ○ Nnimi bbiri
- ○ Lulimi lumu L1 = olulimi lw'omwana oluzaaliranwa
- ○ Lulimi lumu L2 = olulimi lw'omwana olwokubiri
- ○ Ekirala, kika ki ekirala? ________________________

**4. Omwana wo yazaalibwa mu nsi ki?**

○ Mu nsi ya L1, ki?____________ ○ Mu nsi ya L2, ki?__________ ○ Mu nsi endala, ki?________________

**5. Omwana wo abadde mu nsi ya L2 okuva ddi?**________ (omwaka, omwezi)

**6. Omwana wo waakumeka mu buzaale?**

○ 1 ○ 2 ○ 3 ○ Teekawo ennamba ____

**7. Omwana wo yalina emyaka emeka we yatandikira okwogera ebigambo ebisooka?**

___ omwaka(emyaka) ___ omwezi (emyezi)

**8. Olulimi lw'omwana wo wali olututte ng'ensonga?**

○ Nedda ○ Yee, laga lwaki? ________________________________________

**9. Waliwo omuntu awaka wo eyali abadde n'obuzibu bw'olulimi bwonna?**

○ Nedda ○ Yee, laga ani? ________________________________________
okugeza, maama, taata, muganda wo

**10. Omwana wo yali abadde n'obuzibu bw'okuwulira?**

Obuzibu mu kuwulira

- ○ Nedda
- ○ Yee

Okulwala kw'amatu emirundi egiwera

- ○ Nedda
- ○ Yee, emirundi emeka? ____________
- ○ Enseke z'amatu

**11. Mu ndowooza yo, omwana wo awulira bulungi?**

○ Nedda ○ Yee

**12. Ebikwata ku bazadde**

| | Laga olulimi lwo oluzaaliranwa (L1) | Laga olulimi lwo olwokubiri (L2) | Laga olulimi olulala lw'oyogera | Omaze bbanga ki ng'obeera mu nsi XX | Obuyigirize bwo | Omulimu gwo |
|---|---|---|---|---|---|---|
| Maama/ Omuzadde 1 | | | | | | |
| Taata/ Omuzadde 2 | | | | | | |

**13. Lulimi ki lw'oyogera n'omwana wo?**

Maama/ Omuzadde 1

- ○ Olulimi lwange oluzaaliranwa (L1)
- ○ Olulimi lwange olwokubiri (L2)
- ○ Ennimi zombi, oluzaaliranwa n'olwokubiri
- ○ Olulimi (ennimi) olulala, lulage ____________

Taata/ Omuzadde 2

- ○ Olulimi lwange oluzaaliranwa (L1)
- ○ Olulimi lwange olwokubiri (L2)
- ○ Ennimi zombi, oluzaaliranwa n'olwokubiri
- ○ Olulimi (ennimi) olulala, lulage ____________

**14. Omwana wo ayogera lulimi ki mu kiseera kino?**

- ○ Olulimi lw'omwana olwa L1, nga lwe: ________________
- ○ Olulimi lw'omwana olwa L2, nga lwe: _________________
- ○ Ennimi endala, nga ze: ____________________

**15. Nnimi ki ezeetoolodde omwana wo?**

- ○ Olulimi lw'omwana olwa L1
- ○ Olulimi lw'omwana olwa L2
- ○ Ennimi endala, nga ze: ______________

**16. Omwana wo yatandika okukwatagana n'olulimi olwokubiri (L2) nga wa yenkana wa?**

- ○ Okuva lwe yazaalibwa
- ○ Nga tannaweza mwaka 1
- ○ Nga tannaweza myaka 2
- ○ Nga tannaweza myaka 3
- ○ Nga tannaweza myaka 5
- ○ Okuva ku myaka ______

**17. Omwana wo akwatagana n'olulimi olwokubiri (L2) mu**

- ○ Nnansale oba mu ssomero
- ○ N'emikwano
- ○ Ne baganda be/bazadde be/ab'eŋŋanda abalala
- ○ Ttivvi/kompyuta/ebitabo
- ○ Ekirala ____________________________

**18. Geraageranya, ku kikumi, emirundi omwana wo gy'akwatagana n'ennimi ez'enjawulo buli lunaku (mu mirimu gyonna egy'olunaku awamu)?**

Olulimi lwe oluzaaliranwa (L1)

- ○ 25%
- ○ 50%
- ○ 75%
- ○ 100%

Olulimi lwe olwokubiri (L2)

- ○ 25%
- ○ 50%
- ○ 75%
- ○ 100%

Olulimi (ennimi) olulala

- ○ 25%
- ○ 50%
- ○ 75%
- ○ 100%

| **19. Geraageranya obukugu bw'omwana wo mu lulimi ng'ogolola mu kabookisi akatuukirawo** | Bulungi nnyo | Bulungi | Bubi | Bubi nnyo |
|---|---|---|---|---|
| Omwana wo <u>ategeera</u> atya olulimi lwe oluzaaliranwa (L1) | | | | |
| Omwana wo <u>ategeera</u> atya olulimi lwe olwokubiri (L2) | | | | |
| Omwana wo <u>ayogera</u> atya olulimi lwe oluzaaliranwa (L1) | | | | |
| Omwana wo <u>ayogera</u> atya olulimi lwe olwokubiri (L2) | | | | |

**20. Mu ndowooza yo, lulimi ki omwana wo lw'asinga okwogera obulungi?**

- ○ Olulimi lwe olusooka
- ○ Olulimi lwe olwokubiri
- ○ Olulimi olulala, luli wa _______

**21. Mu ndowooza yo, omwana wo ayagala/asinga kwagala olulimi olumu okusinga endala?**

- ○ Nedda
- ○ Yee, lulimi ki? _________________

| **22. Laga emirundi gy'ebintu bino ebikoleddwa n'omwana wo mu mwezi oguyise** | Olulimi lwe olusooka (L1) | | | | Olulimi lwe olwokubiri (L2) | | | |
|---|---|---|---|---|---|---|---|---|
| | Tewali | Emirundi ebiri mu wiiki | Omulundi gumu oba ebiri mu wiiki | Kyenkana buli lunaku | Tewali | Emirundi ebiri mu wiiki | Omulundi gumu oba ebiri mu wiiki | Kyenkana buli lunaku |
| Okunyumya engero | | | | | | | | |
| Okusoma ebitabo | | | | | | | | |
| Okuwuliriza ennyimba oba okuyimba | | | | | | | | |
| Okulaba Ttivvi/DVD/Firimu/Emizannyo gy'oku kompyuta | | | | | | | | |

## Obugero mu buwandiike

Obugero buno wammanga mu buwandiike bukola ng'obubagulizo bw'Obugero bw'Okulabirako ne/oba Okuddamu Ebyogeddwa. Obugero buno obuwandiike busengekeddwa mu buzimbe bwebumu era busobola okukozesebwa okuluŋŋamya ennamba (coding) ne mu kwekenneenya (analysis).

Endaga y'ebitundu by'obuzimbe bw'obugero n'ebigambo by'embeera y'omunda mu bugero obuwandiike wammanga eweereddwa mu ngeri eno:
ekiruubirirwa okugezaako ekivaamu *ebigambo by'embeera y'omunda*

**Obunyonyi Obuto** (Ebigambo byonna awamu: 118)

**Ebifaananyi 1/2:** Olunaku lumu waaliwo ekinyonyi ekikazi *ekyalaba* ng'abaana baakyo *balumwa enjala*. Kyabuuka ne kigenda kubanga kyali kyagala kubanoonyeza kyakulya. Kkapa eyali *erumwa enjala yalaba* maama w'obunyonyi ng'abuuka agenda *n'egamba* nti: "Mmm, kirungi, kiki kino kye ndaba wano mu kisu?"

**Ebifaananyi 3/4:** Maama w'obunyonyi yakomawo n'ensiriŋŋanyi ennene okugiwa abaana be, naye *teyalaba* kkapa. Yali *musanyufu* olw'okuleetera abaana be ensiriŋŋanyi ensava. Wabula mu kiseera kyekimu, kkapa yatandika okulinnya omuti kubanga yali eyagala okukwata akanyonyi akato. Yakwata akamu ku bunyonyi obuto. Embwa *envumu* eyali eyitawo *yalaba* ng'obunyonyi bwali mu bulabe. Yasalawo okulemesa kkapa ebutaase.

**Ebifaananyi 5/6:** *Yagamba* kkapa nti: "Vva ku bunyonyi". Yakwata omukira gwa kkapa n'egisika okugizza wansi. Kkapa yata akanyonyi era embwa n'egigoba. Embwa *yasanyuka* nnyo okulaba ng'etaasizza obunyonyi, era kkapa yali ekyali *njala*.

**Obwana bw'Embuzi** (Ebigambo byonna awamu: 125)

**Ebifaananyi 1/2:** Olunaku lumu waaliwo maama w'embuzi *eyalaba* ng'akaana ke kaali kagudde mu mazzi era nga kaali *katidde*. Yabuuka n'agwa mu mazzi olw'okuba nga yali ayagala okukataasa. Ekibe *ekiyala kyalaba* maama w'embuzi ng'agudde mu mazzi ne *kiwuluguma*: "Mmm, kirungi, kiki kino kye ndaba ku bisubi?"

**Ebifaananyi 3/4:** Maama w'embuzi yakasuka akaana ebweru w'amazzi, naye *teyalaba* kibe. Yali *musanyufu* olw'okuba ng'akaana ke tekabbira. Wabula ekibe kyabuuka kubanga kyali kyagala kukwata kaana kali akalala. Kyakwata akaana k'embuzi. Ekinyonyi *ekivumu* ekyali kibuuka *kyalaba* ng'akaana k'embuzi kali mu bulabe obw'amaanyi. Kyasalawo okulemesa ekibe okutaasa akaana k'embuzi.

**Ebifaananyi 5/6:** Ekinyonyi kyagamba ekibe nti: "Vva ku kaana k'embuzi". Awo ne kikka wansi ne kibojja omukira gw'ekibe. Ekibe kyaleka akaana k'embuzi ekinyonyi ne kikigoba. Ekinyonyi *kyasanyuka* nnyo okuba nga kitaasizza akaana k'embuzi, so ng'ekibe kyasigala kikyali *kiyala*.

**Kkapa** (Ebigambo byonna awamu: 142)

**Ebifaananyi 1/2:** Olunaku lumu waaliwo ka kkapa *akazannyazannya akaalaba* ekiwojjolo ekya kyenvu nga kitudde ku muddo. Kaasembera mu maaso olw'okwagala okukikwata. Mu kiseera ekyo, waaliwo *omulenzi eyali omusanyufu* ng'ava kuvuba ng'akutte akalobo n'omupiira mu ngalo. *Yatunuulira* ka kkapa nga kagoba ekiwojjolo.

**Ebifaananyi 3/4:** Ekiwojjolo kyabuuka ne kidduka mangu ka kkapa ne kagwa mu muddo. Kaafuna *obuvune* era ne *kanyiiga* nnyo. Omulenzi *yatya* nnyo era n'omupiira ne guva mu mikono gye ne gugwa. Bwe *yalaba* omupiira gwe nga guyiringita gugenda mu mazzi, *n'akaaba* nti: "Oh nedda, omupiira gwange guugwo gugenda!". *Yennyamira* ng'ayagala omupiira gwe gukomewo. Mu kiseera ekyo, ka kkapa *kaalaba* akalobo k'omulenzi ne *kagamba nti*: "Njagala kukwata ekyennyanja."

**Ebifaananyi 5/6:** Mu kiseera kyekimu omulenzi yatandika okusika omupiira gwe okuva mu mazzi ng'akozesa oluti lwe oluvuba. Yali *talabye* nti kkapa yali ekwata ekyennyanja. Ku nkomerero, kkapa *yasanyuka* nnyo okulya ekyennyanja ekiwoomu bwekityo so nga n'omulenzi *yasanyuka* okufuna omupiira gwe.

**Embwa** (Ebigambo byonna awamu: 130)

**Ebifaananyi 1/2:** Olunaku lumu waaliwo embwa *ezannyazannya* ng'eno *yalaba* emmese eya kivuuvu ng'etudde okuliraana omuti. Yasembera mu maaso kubanga yali eyagala okugikwata. Mu kiseera ekyo, waaliwo omulenzi eyali *omusanyufu* eyali ava okugula ebintu ng'akutte ensawo ne baaluuni mu mikono. *Yatunuulira* embwa ng'egoba emmese.

**Ebifaananyi 3/4:** Emmese yadduka mangu embwa n'etomera omuti. Yafuna *obuvune* era *n'enyiiga* nnyo. Omulenzi *yeewuunya* nnyo ekyaviirako baaluuni okuva mu ngalo ze. Bwe *yalaba* baaluuni ng'egenda waggulu mu muti, *n'akaaba*: "Nedda, baaluuni yange yiiyo egenda!" *Yennyamira* nnyo ng'ayagala okufuna baaluuni ye. Mu kiseera kyekimu, embwa *yalaba* ensawo y'omulenzi n'ejjirwa *ekirowoozo nti*: "Ka nzibe sosegi."

**Ebifaananyi 5/6:** Mu kiseera kyekimu, omulenzi yatandika okusika baaluuni ye okuva mu muti. *Teyalaba* nti embwa yali ebba sosegi. Ku nkomerero, embwa yali

*nsanyufu* nnyo okulya sosegi eyali ewooma ennyo n’omulenzi yali musanyufu olw’okufuna baaluuni ye.